# *EBIBUUZO N'OKUDDIBWAMU KWABYO*

Era nsanyuse okuddamu okubeera wano akawungeezi kano okuweereza Mukama waffe. Era kati, okubalaba mwenna nga muli basanyufu era nga muyimba ennyimba zino ez'edda ennungi ennyo, nga mwenna mujjudde omwoyo n'ebirala byonna, kituleetera okuwulira obulungi ennyo ddala.

2 Era tuli basanyufu okugezaako okuddamu okubaako akaseera akatonotono ke tukozesa akawungeezi kano okubaako ekibuuzo nga kimu oba bibiri bye twanukula. Ku makya ga leero twabalwisizzaamukko, naye nsuubira mwafunye omukisa nze ku bwange nnagufunye bwe nnabadde ngwogerako. Ki. . . Omanyi, tulina bingi eby'okwogerako, si bwe kiri? Era tulina Omuntu ow'okwogerako, oyo nga ye Mukama waffe Yesu.

3 Ow'oluganda Teddy, nnandyagadde. . .bw'oba osobola, ogira okyasigaddeko wano eno katono. Nnategeezeddwaako nti waliwo omwana omuto omulwadde mu kizimbe.

4 Ate nga sinnatandika ku nsonga eno, tugenda kuba n'okulya Okussa ekimu (kale twagala. . .tetwagala kutwala budde bungi nnyo) ob'olyawo tulina n'okubatiza. Era ba. . . okusooka njagala—njagala nsabire abo abaagala okusabirwa, nkole kino, nsooke nsabire abalwadde, nga sinnatandika.

5 Kale kati, bw'o. . .Teddy, bw'oba osobola, njagala okube oluyimba luno olugamba nti, *Omusawo Omukulu Kaakano Ali Kumpi*. Era tugenda kuyita abalwadde bajje wano tubasabire emikisa. Bameka abali wano abazze okusabirwa akawungeezi kano? Waliwo abamu be tutaasabidde ku makya ga leero. Bwe baba basobola okuyimusa ku mikono gyabwe, bwe muba. . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . .n'okuwulira obujulizi obwo, n'okutendereza Katonda olw'obulungi Bwe bwonna. Katonda atenderezebwe oyo emikisa gyonna mwe giva. Si bwe kiri?

6 Kati, butereevu tugenda kutandikirawo ku bujulizi buno mu kaseera kano, era tugenda kugezaako, manyanga, munsonyiweko, ku bibuuzo. Era nsuubira nti Katonda anaatufukumulira emikisa Gye mu—mu ngeri eno.

7 Era kati, temunzikiriza okulwaawo ennyo ekisusse. Ow'oluganda Cox, ŋŋenda kukusaba, ggwe n'abadiinkoni abatudde ku lunyiriri olw'omu maaso, okunnyimiriza bwe. . . ekiseera ky'okulya Okussa ekimu bwe kinaaba kituuse (mukiraba?), kubanga nnyinza okubalwisaawo ennyo ekisusse. Ŋŋenda kugezaako okubiyitamu mangu nnyo ddala nga bwe

nsobola. Naye era, bwe nnaalemwa okubimalayo Ssande eno, ndibiddira ku Ssande ejja; naye nedda, ŋŋenda kugezaako okubimalayo akawungeezi ka leero.

8 Bibuuzo ebirungi ennyo ddala. Era mbabuulira, ab'emikwano, singa si nkuŋŋaana za kudda buggya n'ebintu ebirala ebigenda mu maaso, nnandyagadde okumala wiiki nga nnamba nga ndi ku njigiriza za Bayibuli zokka eziri mu kitabo ky'o. . . Olubereberye, n'eky'Okuva, n'eky'Okubikkulirwa, n'ebirala, tu—tubeere n'ekiseera e—ekirungi ennyo ddala. Njagala nnyo ebibuuzo eby'obuziba ebikwata ku Bayibuli n'enjigiriza za Bayibuli, kasita temuwaba kubaako kintu eky'enfumo kye mugoberera. Mwekuumire mu Kigambo kya Katonda ekitangaavu, eky'edda, ekitajunguluddwa; Kijja kubawanguza. Ekyo temukikkiriza?

9 Kati ku nsonga eyo, ku makya ga leero, twabadde n'ebimu—ebimu ku bibuuzo ebisingayo obulungi, ebimu nga bikwata ku mitwalo ekkumi n'ena mu enkumi ennya, be b'ani, era baliba mu kitundu ki? Ne—n'ebirala ku Mugole. Era ha, byabadde bibuuza ku bintu bingi nnyo, era byabadde bibuuzo eby'obuziba ddala. Era nnabaddewo n'ebitonotono bye ssaamalirizza.

10 Kati, akawungeezi kano tugenda kutandika na kino, era tusaba Mukama atuyambe. Era kati, Bayibuli tetusobola kugibikkula. Tusobola okugibikkula bwetuti, naye kitwala Katonda okutubikkulira amakulu agagirimu. Tusobola okubikkula emiko gy'empapula. Naye mu Kitabo ky'Okubikkulirwa, Yokaana bwe yatunula, n'alaba Oyo eyali atudde ku Ntebe ey'obwakabaka, era waaliwo. . . Yalina Ekitabo mu mukono Gwe. Era tewaali muntu yali asaanira kutwala Kitabo, wadde okubembula Obubonero, ka kubeere okukitunulako. Tewaali muntu yenna mu Ggulu, tewaali muntu yenna mu nsi, era tewaali muntu yenna wansi w'ensi, oba awantu wonna yali—yali asaanira. Oluvannyuma n'alaba Omwana gw'endiga, nga Gulinga ogwattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi. Era n'Ajja n'atwala Ekitabo okuva mu mikono Gye n'abembula Obubonero; Yali Yesu Kristo.

11 Kati, nnina omusajja gwe nnali njogera naye wiiki eno, omusuubuzi omututumufu ennyo mu kibuga, eyaŋŋamba ku ky'okuddayo mu Afirika ne mu Buyindi: yaŋŋamba nti, "Naye, baakava okutta omukungu Omungereza erudda eyo."

Ne mmubuuza nti, "Ekyo nze kinkwatirako wa?"

N'ambuuza nti, "Ogenda kuddayo eyo awali ettemu eryenkanidde awo, awali okusosola mu langi, n'ebirala?"

Ne mmugamba nti, "Weewaawo, eyo gye nneetaagibwa, Mukama gy'ayagala ŋŋende."

N'ambuuza nti, "Watya ssinga bakutta?"

Ne mmugamba nti, "Weewaawo, Katonda bw'aba ayagala nzitibwe, nja kuttibwa, tewali kisobola kukiremesa."

N'agamba nti, "Ha, bannange!" N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, tolina kulowooza mu ngeri eyo. Naye," n'agamba nti, "nze ssifaayo. Ndowooza nga oli munnaddiini, era ndowooza nga oli musajja mulungi," n'agamba nti, "naye olaba batta ne Yesu Kristo."

Ne mmugamba nti, "Weewaawo, Katonda bw'atyo bwe yayagala."

N'agamba nti, "Ogambye ki? Katonda bwe yayagala?" Nze. . .Kati omusajja oyo abadde agenda mu kkanisa (anaatera okuweza emyaka ensanvu), abadde agenda mu kkanisa (ali ku lukalala lw'abaana abato mu kkanisa ennungi mu kibuga kino), naye akuze okutuuka waali, nga takimanyanga nti Katonda ye yayagala Yesu okufa.

12 Kye, nnava mmugamba nti, "Ow'oluganda, Yattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi, okuviira ddala ku lubereberye. Yattibwa Tannajja na ku nsi." Si bwe kiri? Yali Mwana gwa ndiga gwa Katonda ogwattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi.

13 Leka twogere gy'Ali okumala akaseera katono ku lw'ebibuuzo. Kaakano, Kitaffe, tukitegeera, nti tetusaanidde, era tetusobola, kubikkula Kitabo yadde okukitunulako. Naye leka Omwana gw'endiga ajje kaakano akawungeezi kano, Omwana gw'endiga gwa Katonda ogwattibwa okuva ku kutondebwa kw'ensi, atwale ebintu ebyo ebya Katonda abyanjule eri ekibiina. Tusaba Omwoyo Omutukuvu atwale ebigambo bino, era leka bireme kuba bigambo byange oba ebigambo by'omuntu, naye leka bibeere Ebigambo bya Katonda eri buli mutima ogulumwa enjala. Kubanga tukisabye mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Ekibuuzo ekisooka wano (tetubikyusizza n'akatono oba okubaako ekintu kyonna kye tubikola, naye biri nga bwe bizze), kirabika nga kirungi nnyo. Naye okusooka, bameka abanyumirwa ebibuuzo? Leka tulabe. . .Kale, ekyo kirungi nnyo. Kasita nkimanya.

**15.** Kati. **Omuntu bw'afa agenderawo mu Ggulu oba—oba mu ggeyeena amangu ago, oba alinda musango?**

14 Ekyo kibuuzo kirungi nnyo. Era ki. . .kyetaaga okwegendereza ennyo, kubanga buli muntu yandyagadde okumanya, kiki ky'alibeera nga obulamu buno buwedde? Buli muntu ayagala okukimanya. Kale kati, nze, nange ku bwange, si—simanyi. Nange nnina kukyanukula kuva mu Bayibuli.

15 Ndowooza wabaddewo omukazi asaasaannyizza ddoola amakumi ataano ku ssimu akaseera katono akaakayita okuva e Los Angeles, ndowooza amaze eddakiika nga amakumi asatu mu ttaano oba amakumi ana, oba oli awo n'okusingawo,

nga akubye kuva wala, nga agezaako okundeetera mmugambe nti kikkirizibwa mu mateeka era kituufu ye okuleka bba afumbirwe omusajja omulala. Nnagaanye okukikola. Nedda! Nnamugambye nti, “Nedda, ssebo!”

Yaŋŋambye nti, “Naye, omwami wange mwonoonyi, ate ono musajja Mukristaayo.”

16 Ne mmugamba nti, “Ekyo tekikirinaako kakwate konna. Ojja kubeera mu bwenzi bwennyini.”

N’agamba nti, “Naye, ndi mulwadde wa kafuba, kale sikyetaaga kubeera mulamu bwe mba sisobola kuba na musajja ono.”

17 Ne mmugamba nti, “Ogudde bugwi mu mukwano naye okwo si kwagala, kubanga tekuyinza kuba kwagala, tekisoboka, kubanga oli ye balo. Era wakola ekirayiro okubeera naye okutuusa okufa lwe kulibaawula. Ekirala kyonna ekyawukana ku ekyo, obeera oli mu bwenzi.” Bw’atyo, n’asigala nga akyalemeddeko. Ne mmugamba nti, “Nnyabo, tewali nsonga . . . ”

N’agamba nti, “Nze ŋŋamba bugambi nti tekirina buzibu.”

Ne mmugamba nti, “Ssisobola kukikola.” Ne ŋŋamba nti, “Ndi . . . ”

N’agamba nti, “Naye, Ow’oluganda Branham, tukulinamu obwesige bungi nnyo.”

18 Ne mmugamba nti, “Kati nno wuliriza kye ngezaako okukugamba. Kye nkubuulira ge Mazima, kubanga siyinza kwogera kintu kirala kyonna okuggyako ekyo Katonda kye yayogera.” Katonda yagamba nti ekyo kituufu, n’olwekyo bwe kityo bwe kiri. Mukiraba? Ne mmugamba nti, “Bwe kityo bwe— bwe kirina okuba, era bwe kityo bwe kirina okuba.”

19 Era kati, mu bibuuzo bino, bwe tutyo bwe twagala bibeere. Kati, bulijjo kirowoozebwa . . . Kati, munda wano, mukiraba nti, mu bantu bano ab’olubatu abali wano akawungeezi kano, weesanga waliwo endowooza ez’enjawulo eza buli ngeri; era tulowooza nti endowooza ezo zonna nnungi, buli emu ku zo. Endowooza yo gy’olina nnungi, era e . . . Naye kati, kye tukola, tulina okuba n’omuntu . . . Nga bwe kiri ku mbaatakabuzi, n’embaata, n’ebirala byonna, buli kimu ki- . . . enjuki, buli kimu kirina omukulembeze. Nnamunswa bw’afa, ekibaawo mukimanyi. Embaata ekulembera endala bw’efa, zirina okufuna omukulembeze omulala. Kale, ziteekwa buteekwa okuba n’omukulembeze.

20 Kati n’omuntu alina okuba n’omukulembeze; era Omukulembeze ye Mwoyo Mutukuvu. Era Omwoyo Omutukuvu ateeka mu Kkanisa okusooka, abatume, oluvannyuma lw’abo, bannabbi, n’abalala.

Waliwo eyagamba ebbanga si ddene eriyise, yagamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, tetwetaaga muntu yenna kutuyigiriza. Omwoyo Omutukuvu bw'ajja, tetwetaaga muntu yenna kuyigiriza." N'agamba nti, "Bayibuli egamba nti te—temwetaaga kuyigirizibwa."

21 Kye nnava mmubuuza nti, "Kati Omwoyo Omutukuvu y'omu lwaki yateeka mu Kkanisa abayigiriza, okiraba, okiraba, n'aluŋŋamya Ekkanisa enkola ennuŋŋamu gy'erina okugoberera?" Balina . . . Tulina okuba n'abayigiriza. Bwe kiri.

22 Naye tewetaaga muntu yenna . . . Tewetaaga kukuyigiriza kukugamba nti, "Toyendanga; tolayira, era tokozesanga . . ." Ebyo osangiddwa nga obimanyi. Okulumirizibwa kwo kwennyini okw'Omwoyo Omutukuvu kukugamba nti kikyamu okubikola.

23 Naye kati ku kikwata ku kuyigiriza okw'Ebyawandiikibwa, kyetaagisa omuntu afukiddwaako Omwoyo Omutukuvu. Bwe kiri. Era Katonda yateeka Ekkanisa mu nkola ennuŋŋamu gy'erina okugoberera nga akozesa abatume ne bannabbi, n'ebirabo eby'okuwonyezebwa, n'ebyamagero, n'ebirala. Yateeka Ekkanisa mu nkola ennuŋŋamu gy'erina okugoberera n'agiteekamu abayigiriza n'abalala okuluŋŋamya n'okulagirira Ekkanisa Ye. Era ku makya ga leero, ffe, nga bwe twagambye nti, Yesu nga ali ku nsi nga Omubiri Gwe . . . Era omubiri Gwe buli lwe gutambula, guba nga ekisiikirize ekikomyawo ekifaananyi ku nsi. Gujja kutambula nakyo.

24 Kaakati, abantu bangi . . . Abaseveniside bakkiriza nti omuntu bw'afa agenda butereevu mu ntaana n'asigalayo, emmeeme ye, omubiri gwe, na buli kimu kyonna, okutuusa mu kuzuukira. Era ewaabwe . . . Ekyo bakiyita "okwebaka kw'emmeeme." Kale, ekyo tekirina buzibu. Kirungi kasita aba nga yakkiriza Yesu Kristo era nga yazaalibwa omulundi ogw'okubiri, ekyo tekijja kumukola kabi konna. Naye kaakati, okusinziira ku Byawandiikibwa, bigamba nti omuntu bw'afa, bw'aba Mukristaayo, bw'aba yazaalibwa omulundi ogw'okubiri, nga yajjuzibwa Omwoyo Omutukuvu, talyetaaga n'akatono kuyimirira mu misango gya Katonda. Mukiraba? Agenda butereevu mu Kubeerawo kwa Katonda. Era talyetaaga kuyimirira mu musango, kubanga yamala dda . . . Okiraba?

25 Sseetaaga kuyimirira ku lw'ebyo Kristo bye yankolera. Kati, nnali mwonoonyi, naye omusango gwa Kristo . . . Kiikino—kiikino mu bujjuvu bwakyo mu bigambo ebitonotono: Katonda yagamba nti, "Olunaku lwe muligulyako, lwe mulifa." Ekyo kyamala.

26 Kati, Katonda alina okukuuma Ekigambo Kye. Tayinza kukola kintu kirala kyonna okuggyako okukuuma Ekigambo Kye, kubanga Ye Katonda. Kale n'olwekyo, Tasobola. Kitegeeza, Ye . . . Obeera oyawuddwa ku Katonda. E . . . Naye kati,

wazaalibwa mu kibi, wabumbibwa mu bujeemu, n'ojja mu nsi nga oyogera bulimba. N'olwekyo bw'ozaalibwa, obeera mwonoonyi olw'obutonde bw'ozaalibwa nabwo. Kale tewali kintu kyonna mu nsi ky'oyinza kukikolera. Tewali kye nnali nnyinza kukola kwerokola oba ggwe okwerokola. Wabula ekyo Kristo kye yatukolera mu Katonda, manya, ekyo Katonda kye yatukolera mu Kristo. Mukiraba? Ensonga teri, nti, oba ndowooza *kino* oba nkola *kino*, wabula eri nti *ekyo* Yakikola.

27 Kale kati, tuli mu Ye. Kitegeeza Ye yassibwako emisango gya Katonda; Ye yeetikka omusango. Era Ye, ataaliko kibi, nga tamanyi kibi, naye yafuulibwa ekibi ku lwaffe. N'olwekyo kasita obeera nga oli mu Kristo, toliiko musango. "Bwe Ndiraba Omusaayi, Ndibayitako." Mukiraba, mukiraba? Ky'ekyo. Omusaayi, gwe gutuggyissaako omusango.

28 Kati, omwonoonyi ta. . . Omwonoonyi alina okuyita mu musango. Era omusango guno guteekwa buteekwa okubaawo. Ensi e—eringa eyeetooloddwa enkulungo oba musoke ow'Omusaayi gwa Kristo. Kasita obeera munda wano. . . Singa Katonda atunuulira ensi mu mbeera gy'erimu akawungeezi kano mu ngeri endala yonna nga tagitunuulira kuyita mu Musaayi gwa Kristo, Yandigisaanyizzaawo mu katikitiki. Aba alina okukikola. Mazima ddala Aba alina okukikola. Eyo y'egenda okukkibwako emisango egy'enjawulo.

29 Kati, bwe, manya, omuntu kasita abeera wansi wano, si nsonga oba omusajja oyo mutamiivu, oba muzannyi wa zzaala, oba mutakkiriza kakongoliro, okusaasira kwa Katonda kusigala kukyamutangirira. N'omukazi, asobola okubeera, kyonna ky'ayinza okuba, oba malaaya oba ekirala kyonna, naye era Omusaayi gwa Yesu Kristo gusigala gukyamutangirira. Naye eddakiika emmeeme ye gy'eva mu mubiri guno n'asukka enkulungo eyo, abeera avudde mu kusaasira nga ayingidde mu musango. Emmeeme eyo Katonda abeera amaze okugisalira omusango. Kiba kiwedde. Ebibye biba bikomye. Abeera asaliddwa omusango. Abeera asaliddwa. . .

30 Ye ggwe weesalira omusango olw'engeri gy'oyisaamu okutangirirwa kwa Katonda, okwo, ku lw'ebibi byo. Okiraba? Mmwe mwesalira omusango. Tomukkiriza kuba *mwenkanya* ekimala okukusonyiwa. Okiraba? Bw'oba olowooza nti Anaakusonyiwa, yatula ensobi zo, naye Anaakusonyiwa.

31 Kati ku bw'Omwoyo omu (mulabeeyo) ffenna tubatizibwa okuyingira mu Mubiri gumu. Era nga omubiri guli bwe gwazuukizibwa Katonda, ne guzuukizibwa okuva mu bafu, ne guweebwa obutuukirivu, ne gutuuzibwa ku mukono Gwe ogwa ddyo mu maanyi n'obukulu mu Ggulu, bwe batyo n'abo abafiira mu Kristo, bali mu Kristo, era tebaliiko musango, era balivaayo mu kuzuukira.

32 Kati. Naye bwe tufa kati—bwe tufa kati, tugenda butereevu mu Kubeerawo kwa Katonda Omuyinza wa byonna mu mubiri ogw'omwoyo. Ssinga nsisinkana Ow'oluganda Neville waggulu eyo, singa ffembi tufa kati, mu ssaawa emu okuva kati nnandimusisinkanye; ne mmugamba nti, "Nkulamussizza, Ow'oluganda Neville," ne njogera naye. Nnandibadde sisobola kumukwata mu ngalo; kubanga omubiri gwalimu gwa mwoyo. Nnandibadde nsobola okwogera naye; yandibadde alabika nga bw'alabika waali awo. Nange nnandibadde ndabika nga bwe ndabika. Naye twandibadde tusobola okwogera buli omu ne munne, naye nga tetusobola kukwataganako, kubanga tetulina n'akamu ku busimu obutaano omuli okulaba, okulega, okuwulira nga waliwo ekikukutteko, okuwunyiriza, n'okuwulira. Mukiraba? Naye twandibadde tetukyafa, era nga buli omu asobola okulaba munne. Twandibadde tubeera mu bifo eby'omukisa awali ekyoto kya Katonda. Temumanyi nga Yokaana yalaba emmeeme ezaali wansi w'ekyoto nga zikaaba zibuuza nti, "Kiseera kyenkana wa ekisigaddeyo, ayi Mukama, kiseera kyenkana wa ekisigaddeyo" okukomawo ku nsi zambazibwe?

33 N'olwekyo, Yesu, ali mu ffe kaakano mu nkula ey'Omwoyo Omutukuvu, omubiri Gwe ogw'omwoyo, Omwoyo Omutukuvu, bwe gulikomawo n'omubiri ogugulumiziddwa, tuligulumizibwa wamu Naye era mu kifaananyi Kye. Mulaba kye ntegeeza? Kati awo ndimukwata mu ngalo ne mmugamba nti, "Nnamusaako, Ow'oluganda Neville." Awo tulirya.

34 Mulabeeyo. Yesu yagamba abayigirizwa Be, bwe baali balya Okussa ekimu kwabwe, Yagamba nti, "Siriryа nate ku bibala bya muzabbibu okutuusa lwe ndigulya era lwe ndigunywa obuggya wamu nammwe mu Bwakabaka bwa Kitange." Si bwe kiri? Mukiraba? Kiikyo. N'olwekyo, tu. . . Omufu bw'afa . . . Omuntu omutuukirivu, ayimiridde mu Kubeerawo kwa Katonda, agenda mu Kubeerawo Kwe nga omuntu atafa n'abeera mu bifo eby'omukisa eby'emirembe okutuusa ku lunaku luli . . . lw'alikomawo.

35 Kati, waaliwo ekiseera abantu we bataagendanga mu Kubeerawo kwa Katonda nga bafudde, abatuukirivu. Ekyo kyaliwo mu Ndagaano Enkadde. Baagendanga mu kifo ekyali kiyitibwa Olusuku olw'okwesiima, era eyo emmeeme z'abatuukirivu gye zaalindiriranga mu Lusuku olw'okwesiima. Naye Olusuku olw'okwesiima kyali kifo Katonda mwe yakuumiranga emmeeme nga eringa ensi ey'ekirooto, okutuusa Omusaayi gwa Yesu Kristo lwe gwayiibwa; kubanga omusaayi gw'ente ennume n'embuzi gwali tegusobola kuggyawo kibi, wabula gwabikkanga bubissi ku kibi. Naye Omusaayi gwa Yesu guggyawo ekibi.

36 Mukiraba nti Ye . . . bwe Yafiira e Kalivaaliyo . . . Era bwe Yavaayo, Yaggyayo mu ntaana abatukuvu abo abaali baafiira

wansi w'okutangirirwa kw'omusaayi gw'ente ennume, n'embuzi, n'ente enkazi. Ne bayingira mu kibuga (ha!) ne balabikira bangi. Nga kifaananyi ekirungi ennyo! Ha, singa tusobola okulaga ekyaliwo mu kaseera katono. Mulabe Yesu bwe yafa.

37 Wano, nga bwe ntera okugamba, nzikiriza, mu kkanisa eno wano, waliwo o—olunyiriri wano nga, muno abantu abafa mwe babeera. Era buli omu ali mu kintabuli kino ekinene eky'amasanyu, ekya kazigizigi n'ekizikiza. Abantu abafa wano we babeera. Kati ku bibiri basendebwasendebwa okuva erudda *eno*, oba okuva erudda *eri*. Tosobola kubeera wano nga kitonde kya nkula ya mwoyo, k'obeere mwonoonyi oba mutukuvu, nga toliiko kusendebwasendebwa kuva mu nsi eya wansi oba okuva mu nsi eya waggulu. Bw'oba osendebwasendebwa okuva wano, wava waggulu. Omubiri gwo ogw'omwoyo gukulinze waggulu wano. Naye bw'oba mubi, era munnanfuusi, era atafaayo, omubiri gwo ogw'omwoyo guli wano wansi, k'olowooze otya nti guli waggulu eri; kubanga ebibala by'obala mu maaso g'abantu bikakasa gy'ova. N'olwekyo oyolesa wano ekyo ky'oli awantu awamu. Obulamu bwo bw'otambuliramu wano kifaananyi ekyoleka obusika bwo kye buli bw'ova wano. Mukitegeera?

38 Mu kaseera kano kennyini (ha, ekyo bwe nkirowoozaako) mu kaseera kano kennyini tugulumiziddwa mu maaso ga Katonda, abakkiriza abaazaalibwa omulundi ogw'okubiri. "Kubanga ensiisira eno ey'oku nsi bw'eryabizibwa, tulinayo endala etulindiridde mu Kitiibwa," teri wantu walala wonna, wabula gy'eri etulinze emitala eri mu kaseera kano kennyini. Era emibiri gino egy'oku nsi gisinda giyaayanira okwambazibwa obutafa obwo. Si bwe kiri? Endwadde, n'okulumizibwa, n'obulumi, n'okuyiibwa, n'okulumwa omutima, ne . . . O! Ndisanyuka ennyumba eno enkadde ey'ebiwuka ebyayo bwe biriba bikomye, ggwe tolisanyuka? Yee, ssebo! Tusobole okugenda Eka. Bwe kiri.

39 Wano, tubeera, tusinda okwambazibwa, Omwoyo asinda. O, bw'otunula n'olaba obulumi obwa buli ngeri obuli buli wamu, ebintu ebya buli ngeri, ekivundu, n'ekibi, n'obulamu bw'abantu abafa, n'obulimba, na buli kimu kyonna, muli ŋŋamba nti, "O, ayi Katonda, bigenda kubeera bwe biti kumala bbanga ki?"

40 Lumu ku nnaku zino ndibuulira obubaka bwange obusembayo, ndiwummuza Bayibuli wansi bwenti, ne ŋŋenda Eka. O, nga kaliba kaseera ka kitiibwa. Era ensiisira eno ey'oku nsi ebyayo bwe biriba biwedde wano, tekiritwala yadde akatikitiki nga nnayambadde dda ensiisira eri eri emitala w'eri; naawe bw'otyo. Ha, bannange! Tekyewuunyisa baagamba nti:

> Ndyeyambula ekyambalo kino eky'ennyama,
>   ne nnyambuka waggulu,
> Ne nkwata empeera etaggwaawo,
> Ne ndeekaana nga bwe mpita mu bbanga.

Weewaawo, nga oyambuka waggulu.

41 Kati, ekyo kiri ludda wa? Tukifuna ddi? Kati! "Abo be Yawa obutuukirivu, era Yabagulumiza." Kati mukimanyi nti emibiri gyaffe egy'ekitiibwa, egitafa girindiridde mu Kubeerawo kwa Yesu Kristo mu kaseera kano kennyini, nga gitulinze okujja?

42 Omanyi omwana bw'azaalibwa mu nsi muno, bw'aba tannazaalibwa abeera n'obulamu. Naye abeera tannazaalibwa. Naye omwana oyo oluba okujja ati mu. . .atandika oku. . . oluba okuzaalibwa. . .Amawuggwe ge gonna gaba gaggaddwa, era nga mufu. Emifumbi gye giba gikankana nga bwe gyesika. Naye ekisookera ddala, oluba okumukubamu akayi nga kamu oba bubiri [Ow'oluganda Branham akuba mu ngalo—Omuk.] *bw'atyo*, nga "*yeesika*!" nga asika omukka. Kiki ekiba kibaddewo? Omubiri ogwo ogw'obutonde oluba okutondebwa mu maama, wabaawo omubiri ogw'omwoyo oguba gulindiridde okuguyingiramu amangu ddala nga omwana oyo yaakazaalibwa.

43 Era nga bwe kiri ekikakafu nti omubiri guno ogw'omwoyo guba gutondeddwa, wabaawo n'omubiri ogw'obutonde oguba gulindiridde okugwaniriza amangu ddala nga guvudde mu nsi eno. Mukiraba? Kye kimu ne ku ludda luli, okudda ku Adeni nate (mukiraba?), kiddirayo ddala.

44 Kati munda eyo, Katonda. . .Kati okufa, ekyo—ekyo kyokka kikuulamu empiso y'okufa. Era ky'ova olaba Pawulo yasobola okuyimirira n'abuuza nti, "Ggwe okufa, empiso yo eri luuyi wa? Ggwe amagombe, obuwanguzi bwo buli wa?" N'agamba nti, "Yeebazibwe Katonda atuwa obuwanguzi okuyita mu Mukama waffe Yesu Kristo." Yee, ssebo. Ensiisira eno ey'oku nsi bw'eribumbulukuka tulina endala erindiridde, kale eno yo gyerabire.

45 Kaakati eri ggwe, mukwano gwange, bw'oba oli mwonoonyi eyabuuzizza kino, Katonda akukwatirwe ekisa. Yee, ssebo! Toli wansi wa musango kyokka mu kaseera kano, si wano, nedda! Ojja kukulaakulana era ogende mu maaso. Era ebyo byonna bibaawo kuyita mu kusaasira kwa Katonda. Ebyo byonna bibaawo kuyita mu kusaasira kwa Katonda ggwe osobole okukulaakulana era okole byonna by'okola. Bwe kiri. Naye olumu ku nnaku zino, bw'oba oli mwonoonyi emmeeme yo n'ejjululwa n'eggyibwa wano, erigenda emitala mu musango era erisalirwa omusango. Era, olisuulibwa ebweru, era olibeera mu kubonyaabonyezebwa okutuusa ku lunaku lw'olikomezebwawo ku nsi eno nate. Era olifuna omubiri ogutafa, omubiri ogutafa ogutasobola kufa, era olisuulibwa ebweru mu kizikiza eky'ebweru awaliba okukaaba, okukuba ebiwoobe, n'okuluma obujiji. Olisuulibwa mu ggeyeena, eyo envunyu gy'etafiira oba omuliro gye gutazikira, era olibonyaabonyezebwa emirembe gyonna egigenda okujja. Yesu ye yayogera bw'atyo. Ekyo kifaananyi kya ntiisa, naye Bayibuli bw'etyo bw'egamba.

46 Katonda bw'aba yavumirira ekibi obwenkanidde awo n'akissaako n'omutango ogw'amaanyi bwe gutyo, kiki ekiribaawo singa emyoyo egyo emibi giriddamu ne gisumululwa? Twandibadde n'ekintu ekirala nga kye tubadde nakyo mu myaka akakaaga egiyise. Si bwe kiri? Tewaliddamu kubaawo kakisa kalala nate.

47 Kati oyinza okugamba nti, "Naye, nze nzikiriza nti bw'ogenda mu ntaana obeera—obeera ogenze magombe." Omubiri gwo gugenda magombe, ekyo kituufu. *Amagombe* kitegeeza "kwawukanyizibwa." *Okufa* kitegeeza "kwawukanyizibwa." Omubiri gwo gufa, gwawukanyizibwa. Ova abaagalwa bo ku maaso, naye ekyo si kye twogerako. "Abantu baaterekerwa okufa omulundi gumu, oluvannyuma lw'okwo, musango." Mukiraba?

48 Kati, bw'o. . .bw'oliba wa kuyimirira mu musango gwa Katonda, Katonda omunyiivu y'alikusalira omusango. Era Katonda ajja. . .yamala dda okulangirira kye Yali agenda okukola. N'olwekyo otegeera ensala y'omusango gwo bw'enaabeera nga tonnaba na kutuukayo. Kale eky'okukola kwe kulokolebwa n'ofuna ekitonde kino ekigulumiziddwa. . .

49 Labayo. Bwemba nnina oku. . .omwoyo gwange singa. . . Mulabeeyo, tetuli kintu ekifu; tuli balamu. Singa—singa. . . singa emmeeza eno wano. . .olubaawo luno singa munda mu lwo lubaddemu n'obulamu obuli mu lugalo lwange, emmeeza eyo, era nga lulina amagezi okweseetula, lwandibadde lusobola okutambula nga engalo yange bw'etambula. Ffe tetukolebwa bintu bya ngeri eyo. Ffe tetukolebwa bu—bu—bu—butoffaali, na bulamu, na nnyama; era waliwo omwoyo munda muno ogubifuga byonna. Kaakati mulabe emisinde kwe birina okutambulira. Mulabeeyo; omukono gwange bwe gukwata ku ekyo. Kati, oluba. . .Walina okubaawo enneewulira ennungi oba etali nnungi. Olugalo lwange oluba okukikwatako, luwulira nti lukikutteko. Amangu ago ne kigenderawo mu birowoozo byange, ebirowoozo byange ne bigamba nti, "Kinnyogoga," obubaka ne buddayo. Mulaba bwe kyanguwa? Kyanguwa nnyo n'okusinga ekirowoozo, kyanguwa nnyo n'okusinga ekintu kyonna, kye kikolwa ekyo awo. Kiva ku ki? Waliwo ekintu ekiramu ekiri munda omwo, era akasimu ako ke kakola ku birowoozo. Mulaba kye ntegeeza? Akasimu kakikwatako, ne kakiwulira, ne kagamba ebirowoozo nti, "Kinnyogoga." Ebirowoozo ne bigamba nti kinnyogoga, kubanga akasimu kakikutteko ne kawulira nti kinnyogoga. Ha bannange! Yogera ku nkula y'omubiri.

50 Naye kati, mu ebyo byonna. . .Ate ye Katonda nga ayanguwa nnyo okutegeera buli kirowoozo kye tulowooza. Buli kimu kye tukola, Akimanyi.

Kale omukkiriza bw'afa, agenda mu Kubeerawo

kw'Omutonzi we, Katonda we. N'omwonoonyi, bw'afa, naye n'agenda gy'alina okulaga. Kati mu kudda . . . Kati, wano njogera kati ku Balonde.

51 Naye waliwo abamu abalijjira mu kuzuukira okw'okubiri, abaliyimirira mu Musango wamu n'omwonoonyi, okusalirwa omusango wamu naye. Ekyo njagala nkakase nti nkyogerako. Mukiraba?

52 Kati, walibaawo . . . Ekisooka ekiribaawo kuliba ku—kujja kwa Mugole. Mu nsi mulibaamu abantu . . . nze . . . Kino muyinza obutakkiriziganya nakyo naye muwulirize n'obwegendereza. Eky'okubeera nti wakkiriza Kristo nga Omulokozi wo, tekitegeeza nti ogenda mu Kukwakkulibwa. Okwo kwa Balonde, be baligenda mu Kukwakkulibwa. Walibaawo abalisigalira abalirekebwa wano ku nsi abaliyita mu kuyigganyizibwa n'Ekibonyoobonyo ekinene. Ekkanisa erisitulibwa n'etwalibwa mu Kukwakkulibwa.

53 Bakazi bameka wano abatakimanyi nti bw'obaako jjoola y'olugoye gy'ogenda okusala jjoola eyo ogyaalirira wansi bw'oti, n'ogirambako omusono gwo gw'oyagala okusala bw'oti, n'okomola jjoola eyo okusinziira ku musono ogwo. Si bwe kiri? Era ebitundu ebiba bisigadde ku lugoye olwo biba bya lugoye lwe lumu nga ekitundu ekikomoddwaamu omusono. Si bwe kiri? Naye bino by'obeera okomodde by'otwala. Biri ebirala osobola okugira nga obiterese ob'olyawo olibikozesa gye bujja, naye e—ekitundu ky'olugoye ky'obeera okomodde . . .

54 Kaakati, ani ateekateeka omusono ogunaakomolebwa? Katonda, okuyita mu kulonda. Amiina! Katonda okuyita mu kulonda y'ateekateeka omusono ogunaakomolebwa. Agamba nti, "Kati, Nnonze nga n'ensi tennatondebwa . . . Nteekawo bano . . . " Weewaawo, Yesu yagamba abayigirizwa nti Yali nabo, era yali Yabalonda, era nga yabamanya nga n'ensi tennatondebwa. Si bwe kiri? N'olwekyo Katonda y'ateekateeka omusono ogunaakomolebwa. Kati, walibaawo Abalonde abaligenda mu Kukwakkulibwa. Wabeewo n'ekibinja ky'abantu abalungi, abagolokofu, abaatambulira mu bulamu obutukuvu, abantu Katonda be yalokola, abatalibeera mu Kukwakkulibwa; era balivaayo mu kuzuukira okw'okubiri, kubanga . . .

55 O, ka—ka nsuubire temunnyiigire singa mbaako ne kye mbatangaazaamu wano. Mukiraba? Temunnyiigira. Nte—nteekwa okukyogera, kubanga, nki . . . mpulira kintuga (mukiraba?) okukyogera. Mulabeeyo. Kaakati mulabeeyo. Kati, ŋŋenda kugamba bwenti: Waliwo abantu abakkiririza mu kuggyibwako omusango olw'okukkiriza (mukiraba?), era batambulira mu bulamu obulungi, obulongoofu, obutukuvu; bakkiririza ne mu kutukuzibwa, baafuna . . .

56 Mulabe Yuda Isukalyoti. Yuda Isukalyoti yaggyibwako omusango bwe yakkiriza Mukama waffe Yesu Kristo

n'amukkiriza nga Omulokozi we, Yuda Isukalyoti. Yuda Isukalyoti yatukuzibwa mu Yokaana 17:17 n'aweebwa amaanyi mu Matayo 10 okugenda agobe emizimu. Era Yuda Isukalyoti yakomawo, nga amaze okuwonya abalwadde n'okugoba emizimu, n'akomawo nga asagambiza bw'aleekaanira waggulu okukamala era nga omutukuvu eyeevulunga omulungi yenna gwe wali olabye. Si bwe kiri? Bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Naye bwe kyatuuka ku Pentekoote, n'alaga kye yali. Kaakati mwetegereze omwoyo ogwo—ogwo.

57 Waliwo abantu mu nsi leero, abantu Abakristaayo abalungi abajja okukkiririza mu kuggyibwako omusango, bangi ku bo, nkumi na nkumi, bukadde na bukadde abakkiririza mu kuggyibwako omusango. Naye bagaane okuba n'akakwate konna n'okutukuzibwa. Tuyinza okugamba nti abo be Bapulesibiteriyani, Abangirikaani, n'abalala. Bakkiririza mu kuggyibwako omusango; era bakubuulira. Era ekyo kirungi; mu ekyo batuufu.

58 Naye kati, a—Abanazaliini, aba Pilgrim Holiness, ne ba Free Methodist awo basukkawo ne bayingira mu kutukuzibwa. Bakkiririza mu kutukuzibwa. Ekyo kituufu! Mu ekyo batuufu. Era bafuna obuwanguzi, ne baleekaana, ne batendereza Mukama. Batuufu; mu ebyo batuufu. Naye baako omu ku bo gw'oyogera naye ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, n'amaanyi, n'obubonero, n'ebyewuunyo, ajja kulagirawo langi ye awo wennyini. Akugambe nti, "Ebyo sirina kye mbyetaaza. Ssikkiriza. . . " Kale, n'abantu bange abaagalwa Abanazaliini, nabo bakkiriza nti omuntu ayogera ennimi ssetaani y'aba amukozesa. Naye, ow'oluganda, ekyo bw'okikola, we. . .

59 Weewaawo, Dokita Reidhead baamugoba mu kibiina kya Sudan Missions, ate nga ye yali pulezidenti waakyo, mbu kubanga yayogera mu nnimi. Baagamba nti, "Tetusobola kubikkiriza."

60 Ne ŋŋamba nti, "Kati ekyo kitegeeza temusobola kubuulira nga Pawulo. Temusobola kukkiriza Njiri ya Pawulo, kubanga Pawulo yagamba nti, 'Temuziyizanga okwogera mu nnimi.'" Bwe kiri. Naye bo—bo bagamba nti kya ssetaani. Balabye ennimi enjingirire nnyingi, zonna ne bazitwaliramu ne bazikasuka eri. Mukiraba? Naye waliwo ekkanisa eyaggyibwako omusango era eyatukuzibwa; naye egaana okubatiza kw'Omwoyo Omutukuvu okuba omulimu ogw'enjawulo ku kutukuzibwa. Naye mu—mulimu ogw'enjawulo. Mazima ddala bwe kiri.

61 Waaliwo ebintu bisatu ebyava mu mubiri gwa Kristo. Era ebintu bye bimu ebyava mu mubiri Gwe bye tukozesa okuyingira mu Mubiri Gwe. Waaliwo amazzi (si bwe kiri?), Omusaayi (si bwe kiri?), n'Omwoyo. Era Yesu, Ekyawandiikibwa kigamba nti, "Waliwo basatu abategeeza mu Ggulu, Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu. Abasatu bano bali Omu; bali Omu. Naye

waliwo bisatu ebitegeeza mu nsi; naye tebiri kimu," yagamba nti, "wabula bikkiriziganya mu kimu: Amazzi, Omusaayi, n'Omwoyo." Si bwe kiri?

62 Kati, tosobola kuba na Kitaffe nga tolina Mwana. Tosobola kuba na Mwana nga tolina Mwoyo Mutukuvu, kubang-. . . naye osobola okuggyibwako omusango nga totukuzibwanga. Era osobola okuba nabyo byombi okuggyibwako omusango n'okutukuzibwa naye era nga tolina kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu. Mukiraba? Bwe kiri. Bwe kityo Ekyawandiikibwa bwe kigamba. "Ebisatu bino," yagamba nti, "bye bitegeeza mu nsi, amazzi, Omusaayi, n'Omwoyo; era bikkiriziganya mu kimu." Mukiraba? Tebiri kimu, naye bikkiriziganya mu kimu, kubanga ye mwoyo y'omu mu kigera eky'enjawulo. Katonda atuwa Omwoyo mu kigero.

63 Kati, Luther, nga ali wansi w'okuggyibwako omusango, ekyo kye yabuulira. Si bwe kiri? Luther yabuulira nti, "Omutuukirivu anaabanga mulamu lwa kukkiriza." Era yalina obubaka obw'amaanyi. Era ekyo kyali kigera kya Mwoyo Mutukuvu. Naye Luther, obubaka bwe bwajja, Katonda bwe yali agenda okuyimusa Ekkanisa Ye agyongere ku mutendera ogwa wagguluko (o, bannange!), abagoberezi ba Luther ne bagamba nti, "Ha, ffe tukkiriza wano we tuli twamufuna."

64 Naye John Wesley n'agamba nti, "Ha, nedda!" Ye ne George Whitefield n'abalala, ne bagamba nti, "Tukkiririza mu kutukuzibwa, nti, gwe mulimu omukakafu ogw'okubiri ogw'ekisa." Si bwe kiri? Era baabuulira Omusaayi. Weewaawo, abagoberezi ba Luther bwe baagaana okweyongera mu maaso, Katonda n'akiwa Abamesodisiti ba Wesley. Mukiraba? Era baakirina. Era baalina okudda obuggya okwabuna ensi, n'Ekkanisa eya nnamaddala.

65 Naye, kati, ekiseera ekyo bwe kyabaawo. . .Kati, ate ne wajja obukakafu bw'Omwoyo Omutukuvu obw'obubonero, ebyewuunyo, n'ebyamagero. Kati, abagoberezi ba Wesley kino baagaana okukkiriziganya nakyo. Kati, ssinga Wesley yali akyali ku nsi nga ne Martin Luther akyali ku nsi mu biseera bino, kino bandikkiriziganyizza nakyo, naye baali kyenkana bali ku mutendera gwa kubiri ogw'emitendera nga ena oba etaano egy'abatume, ne bamala gabawalaawala bwe batyo.

66 Kati, Abapentekoote baafuna era ne bakkiriza okwogera mu nnimi. Oluvannyuma ne bakifuula "obukakafu obusookerwako," nti buli muntu yalina okwogera mu nnimi. Eyo yali nsobi. Naye kati—kati baakomawo. . .Ebyo bintu ebikuweebwa Katonda. Nga bwe ssisobola kukyebeera, okuba nti nnina amaaso aga bbululu, oba. . .Katonda y'aba yagampa. N'ebyo biba birabo bulabo mu Kkanisa. Katonda ye yabiteekamu. "Katonda yateeka mu Kkanisa. . . " Mukiraba?

67 Kaakati. Naye bwe bajja n'ebyo...Kati, baalina omukisa ogw'ekitalo, baasukka Abaluzalaani oba a— Abamesodisiti, bombiriri we baakoma. Naye kati, beekozeemu ebibiina eby'obuntu okutuusa lwe boonoonese ne basinga n'Abamesodisiti oba abalala bonna, Abapentekoote. Era kati, baatuuka mu kifo nga omulundi ogw'okubiri n'ogw'okusatu... Waakayitawo emyaka nga amakumi ana kasookedde batandika kwogera mu nnimi. Naye omuti gwa Katonda guno guliko ebibala mwenda eby'enjawulo. Kati, buli kimu ku bibala bino osobola okuba nakyo. Okiraba? Katonda yabiweereza, naye byonna awamu biva mu muti.

Kaakati, okuggyibwako omusango, mukwekkaanye.

68 Mulabe eky'okuyigako kye twabadde nakyo ku makya ga leero. Omusango bwe gwabaawo, ebitabo ne bibikkulwa...Kati, Yesu yajja n'obukumi emirundi kakumi obw'abatukuvu, awo Omusango ne gubaawo. Baabano bonna beetoolodde Entebe Enjeru ey'Omusango (nga bwe twakirondodde okuyita mu Byawandiikibwa), ebitabo ne bibikkulwa; n'Ekitabo ekirala ne kibikkulwa nga ky'Ekitabo ky'Obulamu. Era bano abaagenda mu Kukwakkulibwa baali basalira bali omusango. Si bwe kyabadde? Abo abaali baagenda eka ne bafuna emibiri gyabwe egigulumiziddwa, ne babeerawo okuyita mu kufuga okw'Emyaka olukumi, baali wano mu kusala Omusango okw'Entebe Enjeru, nga be balamula abo. Yagamba nti Alyawula endiga n'aziggya mu mbuzi.

Kati, wano oyinza okumbuuza nti, "Naye, kati labayo." Oyinza okumbuuza nti, "Ekyo kibeerawo...Kibeererawo wa, Ow'oluganda Branham?" Mu kusala Omusango okw'Entebe Enjeru.

69 "Ate mu Kukwakkulibwa?" Kati, mu kiseera eky'Okukwakkulibwa...ekyo Yesu yakiyigiriza nga olugero. Era Yakiyigiriza mu ngeri nnyingi ez'enjawulo. Eno y'emu ku zo. Yagamba nti waaliwo embeerera kkumi ezaagenda okusisinkana Mukama. Era aba-...Bonna baali mbeerera, naye abamu baalina Amafuta mu ttabaaza zaabwe ate abamu baaleka Amafuta ne gaggwaamu. Si bwe kiri? Era Omugole bwe...Kati, Amafuta gaali gategeeza ki? *Amafuta* gaali gategeeza Mwoyo Mutukuvu; Bayibuli bw'etyo bw'egamba. Kaakati mulabeeyo. Baali mbeerera. Kati, *embeerera* kitegeeza ki? "Mutukuvu, mulongoofu, yayawulibwa, yatukuzibwa." Si bwe kiri?

70 Singa mbadde n'akagiraasi wano nnandibalaze kye... Mulabeeyo wano, okugeza nga eccupa eno wano, singa ebadde njereere, ne ngironda, nga ncaafu okukamala...nga njagala kugikozesa. Kale kati, ekisooka kye njagala okukola kwe Kugiggyako omusango. Ngironda kubanga njagala kugikozesa. Ncaafu; ngisanze wabweru eyo mu—mu kiyumba ky'embizzi, oba yonna gy'ebadde. Kati, bwe mba muntu ali mu mbeera

entuufu, weewaawo, sandyagadde kuteeka kintu kiyonjo mu kintu nga ekyo kye ŋŋenda kukozesa. Ekintu ekyo nni—nnina okusooka ne nkikolako. Kati, ekisinga obulungi eky'okukola kwe kugikuuta, kugirongoosa, n'okugitukuza. Si bwe kiri? Kaakati, ekigambo *okutukuza* kitegeeza ki? "Okulongoosebwa n'oyawulibwa olw'okuweereza." Ebibya bya yeekaalu enkadde byayonjebwanga ne biteekebwa ku bbali okuweereza.

71 Kaakati, eyo y'Ekkanisa: Katonda yabalonda okuyita mu mulembe gw'Abaluzalaani, okuggyibwako omusango; mu mulembe gwa Wesley, n'Abatukuza; ate mu mulembe guno Abajjuza. Mukiraba? Abateekamu Obulamu. Era kino, Obulamu Bwe okuyita mu Mwoyo Omutukuvu...Omwoyo Omutukuvu yabalonda; Omwoyo Omutukuvu n'abatukuza; Omwoyo Omutukuvu n'abajjula. Mukiraba? Yonna Kkanisa y'emu.

Naye kati mulabeeyo. Kati mu kiseera kino...

72 Kati, ndowooza nti Luther, Wesley, n'abalala bonna, bangi ku bo bajja kugenda mu Kukwakkulibwa. Baalina ekigera ky'Omwoyo ekyababuulirwa; era baakikkiriza.

73 Kati, mu Kukwakkulibwa...Leero waliwo abantu abaayingira mu bibiina by'amadiini ebyo ebiteeyongerayo mu maaso. Ki...Wabaddewo ekibiina ky'eddiini kimu kyokka, nga eyo y'Ekkanisa ya Katonda; era Ezze egenda mu maaso mu buli mbeera. Naye ebibiina bino bizze bimenyaamenya ebintu bino bwe bityo. Era abantu bangi leero bajja kutunuulira okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu bagambe nti tekuliimu makulu. Naye ate nga baggyibwako omusango; nga baatukuzibwa. Naye bajja kugamba nti, "Ha, ebyo byonna, kwejeeguula kwereere."

74 Nkimanyi ssetaani alina obugologoosi obwa buli ngeri ebweru eyo. Awo w'osanga apo ennungi, ozisanga awo wennyini akagologoosi we kali. Bwe kiri. Ggwe keetooloole bwetooloozi, ogende weeriire zi apo. Okiraba?

75 Kaakati, kino...Oluvannyuma Katonda bwe yagijjuza Omwoyo Omutukuvu...Oluvannyuma n'Ata Ekkanisa Ye okugigulumiza. Mu Kujja okw'okubiri, Ekkanisa ekomawo, Omugole. Kaakati mwetegereze. Mulabe oba nga bayita mu Kiseera ky'Ekibonyoobonyo. Yagamba nti, "Embeerera zino, zajja ne zigamba nti, 'Mutuwe ku Mafuta gammwe.'"

"Omugole omusajja ajja!" Eddoboozi lyafuluma nga ligamba nti, "Laba, Omugole omusajja ajja. Mufulume mugende mumusisinkane."

Kati embeerera zino, abaali embeerera, abatukuvu, abaatukuzibwa (kirowoozeeko), abantu abatukuvu, abaatukuzibwa naye nga tebalina kubatizibwa kwa Mwoyo Mutukuvu, ne bagamba nti, "Mutuwe ku Mafuta!"

76 Naye Ekkanisa n'ebagamba nti, "Naffe ge tulina gatumala bumazi. Nammwe mugende musabe." Naye mu kaseera ako bwali kikeerezi. Bw'etyo, Ekkanisa n'eyingira mu Mbaga, ate bali abalala ne bakasukibwa mu kizikiza eky'ebweru (si bwe kiri?), awaali okukaaba n'okukuba ebiwoobe n'okuluma obujiji; ne bayita mu kuyigganyizibwa, ne babonaabona, ne bafa.

77 Yesu n'akomawo ku nsi. Okufuga okw'Emyaka olukumi ne kutandika, ne babeera Naye okumala emyaka lukumi. Abatuukirivu n'abatali batuukirivu ne—ne bazuukira. Era ne Basalira buli muntu omusango. Embuzi ne ziteekebwa ku ludda olumu n'endiga ku ludda olulala. Okuva awo Katonda n'ajja n'atwala Ekkanisa waggulu ku bugazi bw'ensi mu kusisinkana okw'omu lusiisira, ffenna gye tukuŋŋaanira awamu n'abaagalwa baffe. Mukiraba? Eyo y'enjawulo eriwo.

78 Kati, abantu bano wano. . .Mazima ddala bwe tufa, bwe tuba mu Kristo Yesu, tugenda ne tubeera n'Omubiri guli omukulu emitala eri, Kristo Yesu. Bwe tuba boonoonyi, tugenda ne tubeera n'omubiri ogwo omukulu ogw'abatakkiriza; era Katonda n'agamba nti omugabo gwaffe gwali wamu ne bannanfuusi, n'abalala ab'engeri eyo, mu ggeyeena. Amiina! Kyandiba nga tekivuddeeyo bulungi mu bulambulukufu.

Naye, kati leka tulabe oba tusobola okufuna. . .Waliwo wano akapapula akatonotono.

**16. Nkusaba onnyonnyole Okuva olunyiriri olwa 24. . .essuula ey'o 4 n'olunyiriri olwa 24. Ekyawandiikibwa kino kitegeeza ki—ekigamba nti Katonda yayagala okutta Musa oba mutabani we? Era lwaki?**

79 Ekyo tumanyi we kiri, Okuva 4:24. Ekyo kibuuzo kirungi. Kati, tugenda kukisoma wano wennyini mu kaseera katono. Okuva 4 olwa 24:

> *Awo bwe baali nga bakyali mu kkubo mu kisulo, Mukama n'amusisinkana, n'ayagala okumutta.*

Emboozi eyo bameka abagijjukira? Kaakati, Katonda yawa Ibulayimu, emirembe mingi emabega nga Musa tannabaawo, akabonero ak'okukomolebwa. Era eyo ye yali endagaano Katonda gye yakola, nti buli Muyudaaya yenna alina okukomolebwa. Si bwe kiri? Buli musajja alina. . .Ako kaali kabonero.

80 Naffe tukomolebwa olwa leero? Tukomolebwa Mwoyo Mutukuvu, so si kukomolebwa mubiri.

81 Kaakati. Kati, Katonda yawa ekiragiro kino n'agamba nti, "Era buli musajja alina okukomolebwa." Naye Katonda, bwe Yayita Musa okugendayo anunule abaana ba Isiraeri, Musa yali tannakola ku mutabani we, kabonero kennyini ak'okununulibwa. Mulaba kye ntegeeza?

82 Kiringa bwe nnyinza okugamba nti, "Kaakati mwenna mmwe ekkanisa, buli omu ku mmwe—mujje mubatizibwe wano mu mazzi, tubateeke ku lukalala lwa bammemba b'ekkanisa. Ffenna tugenda wamu mu Kitiibwa." Naye, ow'oluganda, ekyo Ebyawandiikibwa si kye bigamba. Okuggyako nga ozaaliddwa omulundi ogw'okubiri, nga Omwoyo Omutukuvu akukomodde. . .Olina okukomolebwa. Sifaayo oli mulungi kwenkana wa, oba kkanisa ki mw'osabira, oba bazadde bo baali balungi okwenkana wa, okuggyako nga ggwe nga omuntu ozaaliddwa omulundi ogw'okubiri n'Omwoyo Omutukuvu, toligenda mu Kukwakkulibwa. Okiraba? Tosobola kugenda. Ako ke kabonero kennyini ak'okununulibwa, kukomolebwa; era okukomolebwa kukolebwa Mwoyo Mutukuvu. Kati Katonda. . .

83 Kati e—eyabuuzizza kino kye yabuuzizza: "Ekyawandiikibwa kino ki—kitegeeza Katonda yali ayagala kutta Musa oba mutabani we? Era lwaki?" Katonda yali ayagala kutta Musa. Era eyamutaasa okuttibwa yali Zipola yekka. Kubanga Zipola yakwata ejjinja essongovu, n'agenda, asalako ekikuta ky'omwana we, n'akisuula mu maaso ga Musa n'amugamba nti, "Oli mwami wa musaayi gye ndi." Si bwe kiri?

84 Era Katonda yanditutte obulamu bwa Musa, naye oba oli awo waaliwo Malayika eyali ayimiridde awo, eyamugamba nti, "Zipola! Kisaleko mangu!" Mukiraba?

85 Bw'atyo Zipola n'agenda n'akomola omwana. N'agamba nti, "Musa, ofaayo nnyo—nnyo ku bintu ebirala byonna ne ku lugendo lwo, naye k'abeere mutabani wo yennyini tannakomolebwa."

Emirundi mingi ntera okwebuuza oba. . .Oluusi nsisinkanyenga abantu abaŋŋambye nti, "O, ekitiibwa kibe eri Katonda. Mukama alina ekintu *bwe kiti* ky'ayagala nkole. Ayagala ŋŋende mu Afirika, mu Buyindi."

86 Ne mmubuuza nti, "Omusajja atunda amata wali omubuuzizza oba yalokoka? Omuvubuka atunda empapula z'amawulire wali omubuuzizza oba yazaalibwa omulundi ogw'okubiri? Ate muliraanwa wo, yalokoka?" Mukiraba? Kati, ekyo kye kibuuzo. Okiraba? Bwe kiba nga kiri mu mutima gwo. . .

87 Jjuuzi wano waliwo omukazi eyansisinkana emmanga wano mu Florida. Era omukazi oyo bambi, sirina ngeri yonna. . .si nze mulamuzi. Naye waliwo omubuulizi omuto eyaliko wano wennyini n'abuulirira ne ku kituuti kino. Era omwami oyo mu nsi endala yali mufumbo nga alina omukazi, n'abaana nga basatu oba bana. Naye ono omukazi ye yali nnamwandu. Era baali bavudde mu Texas, ne bajja bombi wano mu mmotoka ennene ey'ekika kya Cadillac. Omukazi n'ayingira. Kati wa ddembe okwambala mu ngeri yonna gy'ayagala, gye ndi eyo teyali nsonga; naye nga omukazi Omukristaayo

ekyo si kye yayolesa mu nnyambala ye. Yali (ha bannange!), yali. . .yalina ennene empanvu. . .ez'oku matu (simanyi bwe muziyita) nga zirengejja ziti, nga yenna yeesiize e—ebintu ku mumwa gwe; nga—nga—nga ebisige bye byasalibwako nga alina ebisige ebirala, ebisiigibwako, n'ekkalaamu. N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "Mukama ampita ŋŋende mu ggwanga eddala."

Ne ŋŋamba nti, "Akuyita?"

"Yee!" N'agamba nti, "Era ŋŋenda kugenda n'omusajja ono."

Ne ŋŋamba nti, "Kale, Mukama bw'aba akuyita, kale, kirungi." (Naye ku bibala byabwe. . .Nze ku lwange tekyandabikira nga. . .Mukiraba?)

Kye yava ambuuza nti, "Tokkiriza nti Mukama. . .?"

88 Ne mmugamba nti, "Kati, leka kubuuza nze. Mukama bw'aba akugambye, kola ekyo Mukama ky'akugambye okukola. Naye nze ku lwange, si bwe ndowooza, nze nga nze. Nja kubeera mwesimbu gye muli."

N'ambuuza nti, "Kati, lwaki olowooza bw'otyo?"

Ne mmugamba nti, "Okusooka kwa byonna, ggwe nga omukyala omufumbo n'omusajja ono omufumbo tekirabika bulungi, mmwe okusula awamu wano mu kibuga. Bwe wabaawo ekintu kyonna ekireeta ekivume ky'ekyo. Okiraba?" Ne ŋŋamba nti, "Kati, ekisooka. . ."

89 Kaakati, omukazi oyo kiki ekyali kimutuuseko? Ekintu kye kimu kyandi. . . Yagenda mu maaso nga yeeyonoona nga tafunye Mwoyo Mutukuvu, nga omukazi oli eyankubidde essimu olwa leero eyabadde ayagala okufumbirwa omusajja oyo, ayawukane ne bba, afumbirwe omusajja oyo. Alina we yatuuka, ob'olyawo lumu yasisinkana Katonda, naye yali akyegomba ebintu by'ensi. Kye nnava mmubuuza; nti, "Wafuna Omwoyo Omutukuvu?"

N'agamba nti, "Ssinnamufuna, naye mmunoonya."

90 Ne mmugamba nti, "Sooka ofune Omwoyo Mutukuvu, Ajja kukubuulira omwami gw'oba obeera naye." Bwe kiri. Mukiraba?

Olina—olina. . .Bwe kityo bwe kiri. Bw'otakikola, ojja kufa mu mwoyo. Katonda bangi nnyo b'anoonya akawungeezi kano, era Akonkonye ku mitima gyabwe emirundi mingi nnyo. [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti—Omuk.] Naye lumu ku biro bino Ajja kuggalawo oluggi, era—era okusaasira kuggyibwewo. Mukiraba?

91 Mazima ddala, Katonda yali wa kutwala obulamu bwe. Yagamba nti Yamunoonya. Muwulirize Ekyawandiikibwa bwe kisoma:

> *Awo bwe baali nga bakyali mu kkubo mu kisulo,* *MUKAMA n'amusisinkana, n'ayagala okumutta.* (Musa. Kati, mulabeeyo.)

> *Awo Zipola n'atwala* olwazi *olw'obwogi—ejjinja ly'obwogi, n'asalako ekikuta ky'omwana we, n'akisuula ku bigere bye, n'ayogera nti, Oli mwami wa musaayi gye ndi.*

92 Bwe kiri. Kati, Katonda yali tanoonya mwana. Katonda... Omwana oyo omuto bambi yali tamanyi kya kukola; teyaliiko musango. Naye ensonga, yali ku kitaawe wa mwana, eyali atwala omwana emmanga eyo okununula abaana ba Isiraeri wansi w'akabonero ak'okukomolebwa; kyokka nga mutabani we yennyini yali takomolebwanga. Mukiraba? Bw'atyo Zipola n'akisalako n'ejjinja, ekikuta, n'akisuula wansi, n'amugamba nti, "Oli mwami wa musaayi gye ndi."

**17. Nkusaba onnyonnyole amakulu g'Ekyawandiikibwa kino, ne ddi lwe kirituukirira: Isaaya 4 ne 1. Weebale.**

Kale. Kati tugenda kubikkula... Eri mmwe abalina Bayibuli zammwe abandyagadde okubikkulayo, tugenda kulaba kiki... Kino ssaafunye kakisa kukinoonyerezaako, naye nnalowoozezza nti tusobola okubaako eky'okuddamu kye tufuna. Waawano.

> *Era mu*...(O, weewaawo!) Awo olulituuka...*Era abakazi musanvu balyekwata ku musajja omu ku lunaku luli,* era baligamba nti, *Tunaalyanga emmere yaffe ffe, era tunaayambalanga ebyambalo byaffe ffe: kyokka tutuumibwe erinnya lyo, otuggyeko ekivume kyaffe.*

93 Kati nno, ow'oluganda, kyenkana kibi obwenkanidde awo. Nga kugwa okw'amaanyi okutuuse ku ggwanga lyaffe! Kino leka nkyogere, mikwano gyange Abakristaayo abaagalwa. Kino leka nkyogere n'okussaamu ekitiibwa okw'Obwakatonda eri buli omu: Bwe waba waali wabaddewo...Nammwe abantu abali wano abasomye ebyafaayo, tukutte ekkubo lye limu buli ggwanga eddungi lye lyakwata okugwa okuyita mu mirembe egizze gibaawo, okuweebuuka kw'empisa, naffe lye tukutte.

94 Nga bwe nnagambye ku makya ga leero...Munsonyiwe olw'okukiddiŋŋana. Mu mawanga ag'ebweru omusajja yajja gye ndi n'ambuuza nti, "Ow'oluganda Branham, ewammwe eyo bakazi ba ngeri ki be mulina? Kubanga, ennyimba zonna ze muyimba, muyimba ennyimba ezikwata ku bakazi bammwe ezimu ku zisingayo obucaafu." Bwe kiri. Zonna...kintabuli kya—kya...

95 Mumanyi kye kiri? Bwe muba mwagala nkibabuulire mu bigambo ebitonotono, ŋŋenda kubabuulira kiki kyennyini kye kiri. Ensi etuuse mu mbeera ey'ekika kino, kubanga ye Sodoma ne Ggomola ey'omulembe. Ky'ekyo kye kiri! Mu California nnakwata olupapula lw'amawulire. Nneerabidde n'enkumi n'enkumi z'abantu be baagamba be bakwata buli mwaka, okukitegeera, nti abali b'ebisiyaga beeyongedde. N'okwegomba kwabwe okw'obutonde okwa...wakati w'omwami n'omukyala,

n'ebirala, kuvudde ku bantu. Kyennyini kyennyini Katonda kye yagamba ekiribaawo. N'aba. . .

96 Ggwe baako gw'onokolayo ku ba. . .Mwetegereze mulabe biki ebifuna obuganzi ne biba bya ttutumu. Muwulirize ku leediyo zammwe, oba ku ttivvi, oba kyonna kye mulina, mulabe. Byebyo ebisingayo obubi ennyo era ebivundu. . .Bwe wabaawo oluyimba olwogera ku mukazi oba ekintu eky'engeri eyo, olwo lwe lunaabeera olw'ettutumu.

97 Era kituuse ku ddaala we kirabika nga ffe abatakyafaayo ku bakazi baffe, manyanga, abakazi baffe abatakyafaayo ku bibabaako. Bwe kityo bwe kiri. Omukazi singa yeewa ekitiibwa, n'omusajja ajja kweyisa mu ngeri emuweesa ekitiibwa. Kati mu ekyo sigezaako kwekubiira ku ludda lwa basajja, naye nkimanyi nti ago ge mazima. Yee, ssebo! Naye kiki? Mbeera e—embi ennyo, ate y'eriwo. Ate eri bw'etyo okusinziira ku Byawandiikibwa. Bayibuli egamba nti bwe kityo bwe kiriba. Kati tuyinza tutya okuba n'okudda obuggya? Tuyinza tutya okuba n'okudda obuggya?

98 Muwulirize, mikwano gyange Abakristaayo. Mu ddakiika entono ezisigaddeyo muleke mbeeko ne kye mbabuuza. Tulina ba Billy Graham. Tulina ba Jack Shuler. Tulina emigendo gy'amadiini egya buli kika egigenda gitalaaga ensi yonna. Era babadde batalaaga Amerika yonna okumala emyaka nga mukaaga oba musanvu egiyise nga bakolera ddala nga bwe basobola, naye era tewali kudda buggya. Lwaki? Enzigi ziri mu kuggalwaawo. Ebyennyanja byonna tubivubye, ne tubimalayo mu kidiba, nga bwe nnagambye ku makya ga leero. Ob'olyawo waliyo nga kimu oba bibiri ebikyalina we biwagamidde.

99 Juuzi Billy Graham yalina olukuŋŋaana (ndowooza lwali mu Boston oba awantu awamu), ne bagamba nti baafuna abantu emitwalo nga ebiri n'omusobyo abakkiriza mu wiiki mukaaga. Baddayo nga wayiseewo wiiki nga ziizo ne batasangayo yadde amakumi abiri. Kirowoozeeko! Ow'oluganda, kinaatera okukomekkerezebwa. Nsobola okubaako ne kye njogera wano. Mukiraba?

100 Tuli mu biro Katonda bye yayogera ebyali eby'okujja. Era tuli mu nnaku ez'oluvannyuma. Era tuli mu kiseera nga abantu. . .Ka kibe kiki kye tugezaako okukirowozaako, Ekigambo kya Katonda kigamba nti twateekerwateekerwa. Ekyo bwe kiri. Era abo Katonda be yayita balijja eri Katonda; n'abo Katonda b'ataayita tebalijja eri Katonda. Katonda bw'ayita, ne bagaana, n'era n'Ayita, ne bagaana. Kati, sigamba nti Katonda alina omuntu yenna gw'asalira omusango. Ye ky'atayagala be bantu bonna. . .ye muntu yenna okuzikirira, wabula bonna beenenye. Naye okusobola okuba Katonda, Ye—Yakimanya mu ntandikwa nti tebalijja. Newankubadde Yabawa akakisa, naye era baagaana okujja.

101 Ayinza atya. . .Ekyo bw'aba takimanyi, Yamanya atya nti tulibeera n'ebigaali ebitasikibwa mbalaasi? Yamanya atya nti waali wa kubaawo ebiseera nga bino bye tulina kati? Lwaki Yagamba nti, "Abantu baliba bakakanyavu, abeegulumiza, era abaagala amasanyu"? Bannabbi bonna bajja batya okulagula ebintu ebirala bino byonna ebyali bigenda okujja okuva ku ntandikwa? Katonda buli kimu kyonna yakimanya. Amanyi ekinaabaawo. Era mu abo mulimu abantu Katonda be yalaba okuyita mu biseera n'agamba nti, "Tebalijja." Era omusango ogwo gwamala dda okubasinga, kubanga bo bennyini be bagweronderawo. Amiina! Ky'ekyo.

102 Era nzikiriza, muganda wange, mwannyinaze (kino nkyogera n'okussaamu ekitiibwa okw'Obwakatonda n'okutya Katonda mu mutima gwange), nzikiriza Amerika yabbira! Eyonoonese. Eweebuuse tekyalimu nsa. Kya nnaku.

103 Mmwe mulowooze ku kino wano, nga bwe njogera nga—nga nnyanukula ku Kyawandiikibwa kino, abakazi musanvu beekwata ku musajja omu. Mu Ssematalo Eyasooka. . .manya Ssematalo Ow'okubiri. . .nnina a—akatundu k'eggulire eka. Amawulire ago nammwe bennyini mwagasoma. Gaali gagamba nti, "Kiki ekituuse ku mpisa z'abakazi baffe Abamerika? Ku buli bajaasi basatu abaagenda emitala w'amayanja ababiri ku bo bakyala baabwe baabawukanako mu myezi omukaaga egyasooka." Babiri ku basatu baabanobako. Abakazi bano baapaala bupaazi ne balekawo amaka. Lwaki? Singa musobola okukitegeera, ab'emikwano, ogwo gwe mwoyo gw'ekiseera kye tulimu.

104 Tulina okuyingira mu mwoyo gw'ennaku ez'oluvannyuma nga ennaku ez'oluvannyuma zituuse. Bw'ogenda mu ndongo, olina okuyingira mu mwoyo gw'endongo, oba si ekyo tebajja kusobola kusala ndongo. Bw'ogenda ku kkanisa, olina okuyingira mu Mwoyo w'okusinza nga tonnasinza. Ensi erina okuyingira mu mwoyo gw'ennaku ez'oluvannyuma nga ennaku ez'enkomerero tezinnajja, era tuli mu mwoyo gw'ennaku ez'oluvannyuma. Era Katonda yasuubiza nti ebintu bino bya kubeerawo, era byennyini bye tulina. Tuli mu nnaku za luvannyuma. Naye abasajja n'abakazi beebase n'okukimanya tebakimanyi.

105 Era empisa. . .waliwo omuvubuka gwe nnasisinkana juuzi wano mu. . .ha, wayiseewokko ekiseera, mu kiseera kya ddumbi w'omwaka oguwedde. Era twalina ekibuga ekimu gye twali tulaga. Era yali annyumiza, yali muvubuka wa siniya naye nga mufumbo. N'agamba nti, "Omuwala ono nnamuwasa, kubanga yali muwala mulungi, era nnalina okumuwasa nga tannamaliriza siniya." N'agamba nti, "Tetunnafunayo muwala yenna amalako siniya nga akyali mbeerera, nga bwe mmanyi, okumala emyaka egiwerako mu kitundu kino." Mukiraba? Baweebuuse empisa okukamala.

106 Ate emmanga mu California, waliwo ebifo ebimu gye nnatambula ku nguudo zaayo abaserikale gye bakulabula ne bakugamba okwewala okutambulira ku nguudo. Nga kya bulabe nnyo eri omusajja okutambulira ku luguudo okusinga bwe kiri eri omukazi. Mu bufunda. O, ayi Katonda, otukwatirwe ekisa! Temukimanyi nti Bayibuli yagamba nti ebintu ebyo birijja?

107 Era nga tekinnabaawo Yawa ekisiikirize kyakyo mu Sodomu ne Ggomola, bwe yagendayo, ekintu kye kimu kye kyaliyo—kye kyaliwo, manyanga. Era Katonda n'asindika omuliro ne gukka ne gwokya ekifo ekyo ne gukisaanyaawo. Akapande kennyini ak'okulaga nti ensi yonna yonna, bw'erituuka mu mbeera eyo, ejja kufuna e [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] kintu kye kimu.

108 Tuli mu nnaku ez'oluvannyuma. Mazima. Abakazi musanvu balyekwata ku musajja omu, ne bamugamba nti, "Tunaalyanga emmere yaffe ffe, era tunaayambalanga ebyambalo byaffe ffe, wabula leka tutuumibwe erinnya lyo otuggyeko ekivume kyaffe." Ow'oluganda, teweetaaga kuva mu Amerika. Waliwo ekifo kimu kyokka we nnali ndabye mu bulamu bwange kye nnalowooza okuba ekibi ennyo okusinga enguudo n'ebintu bye mbaddemu mu ggwanga lyaffe. Ate tetugenda kutereera. Tugenda kweyongera bweyongezi kuba bubi. Era mujjukire, nti njogera mu Linnya lya Mukama waffe. Tujja kweyongera kuba bubi. Waliwo essuubi limu lyokka, era liri mu Kristo Yesu. Ne bw'okola otya.

109 Nkubye omulanga, ne ntalaaga eggwanga lino. Katonda n'atuuka n'okuzuukiza abafu. Ne tugenda mu bibuga; abantu abaali mu bugaali bw'abalema okumala emyaka n'emyaka ne basituka ne batambula nga bwe bayita mu kibuga nga bagoberera ebimotoka, nga bwe bagenda basindika obugaali bwabwe n'ebiringa ebyo. Abakazi, abasawo be baalangirira nti bafudde, ne bakwata ekisule zaabwe nga kuwandiikiddwaako erinnya ly'omusawo waggulu, ne bazuukizibwa okuva mu bafu. Naye ekibuga kyonna ne badda wali ne bagamba nti, "Huh, okwo kusoma birowoozo bya bantu; abo kibinja ky'abatukuvu abeevulunga." Weewaawo, temuyinza kusuubira kirala kyonna okuggyako okuzikirizibwa! Oh! Bwe kiri!

110 Omusango gukubye kkoodi, era muteekwa buteekwa okugufuna. Ow'oluganda, dduka mangu nga bw'osobola weetegule obusungu obugenda okujja ogende eri Kristo Yesu! Vva mu bintu bino! Weewaawo, ogwo gwe mwoyo gw'ennaku ez'oluvannyuma. Bingi ebyandyogeddwa. Naye ŋŋenda kwanguwako.

**18. Nsaba otubuulire engeri Mukama waffe era Omulokozi waffe Yesu Kristo gy'atusuubira okujjamu mu nnyumba ya Mukama waffe okusinza?**

111 Kale, ekyo kibuuzo kirungi nnyo. Ekyo kibuuzo eky'ensonga eri ekkanisa yonna. Katonda akusuubira okujja mu kizimbe ky'ekkanisa. . . Kati, ekyo kibuuzo bubuuzo, kibuuzo ekirambulukufu. Si kibuuzo ekibuuza ku Byawandiikibwa; ki. . . naye ate kye kiri. Mulindeeko, ŋŋenda kubabuulira kye Yagamba. Ekisooka, bwe muba mwagala Ekyawandiikibwa, abantu balina okujja mu nnyumba ya Katonda n'ekigendererwa kimu kyokka, nga ekyo kwe kusinza, okuyimba ennyimba, n'okusinza Katonda. Bw'atyo Katonda bw'atusuubira okukola. Tatusuubira kujja mu nnyumba ya Katonda kwogera ku byaffe. . . oba ekintu ekirala, oba okwogera ku bannaffe, oba okwogera ku bye twakoze okuyita mu wiiki; Atusuubira kujja kumusinza. Nnyumba ya kusinzizaamu. "Era buli kimu kirina okukolebwa mu ngeri ennungi era mu ngeri ennuŋŋamu," bw'atyo Pawulo bwe yagamba mu Bayibuli. Buli kimu kirina okukolebwa mu ngeri entuufu. Walina okubaawo obubaka.

112 Ekisooka kye nnyinza okwogera, okusinziira ku biragiro by'Ekkanisa mu Ndagaano Enkadde, oba, manyanga mu Ndagaano Empya, ekisooka, abantu baayingiranga mu kkanisa ya—ya Katonda mu Mwoyo ogw'okusinza. Era baayingiranga, ennyimba ne ziyimbibwa. Oluvannyuma ob'olyawo omubuulizi n'abuulira, kubanga ye yabeeranga nnabbi w'ekkanisa. (Nnabbi w'Endagaano Empya ye mubuulizi; ekyo tukimanyi: "Okutegeeza kwa Yesu Kristo gwe Mwoyo gw'obunnabbi," bwe wagamba mu Kubikkulirwa.)

113 Kati, omubuulizi yatandikanga okubuulira. Era bwe yabuuliranga, emikisa, mu kaseera ako, oba oli awo nga anaatera okumaliriza okubuulira kwe, gyatandikanga okukka; abantu ne bagamba nti, "Amiina," ne beebaza Katonda. Kati amangu ddala nga amalirizza okubuulira, wayinza okubaawo obubaka obujja, oba oli awo ne wabaawo ayogera mu nnimi ezitamanyiddwa (Abakkolinso Ekisooka 14:13, 14). Naye—naye mu kkanisa bwe watabaawo muvvuunuzi, omuntu ono alina okusirika, kubanga ky'akola okwogera mu nnimi kituufu, naye leka akikolere mu maaso ga Katonda. Mukiraba? Naye bw'ayogera mu nnimi nga waliwo n'omuvvuunuzi, omuvvuunuzi abeera alina okuwa obubaka obwogeddwa. Ekyo amakanisa gonna gagenda gakitegeera.

114 Charles Fuller, wadde yampakanya ne yeekandagga ku nsonga eyo bwe nnali erudda eyo, naye kati akikkiriza. Era bakikola ku Long Beach. Yee, ssebo! Ku lubalama kwennyini, mu kkanisa mwennyini mwe bakuŋŋaanira, bafuna emikisa gya Katonda, ne boogera ennimi, ne bavvuunula ennimi, wamu n'okusabira abalwadde. Naye nga yanneesimba mu maaso n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ebintu ebyo ssibikkiririzaamu."

Ne mmugamba nti, "Kale, kiri gy'oli. Naye era si bya batakkiriza, Ow'oluganda Fuller, By'abo abakkiriza." Naye

kati abuulira ekintu kye kimu. Ekiseera kituuse; wabeewo okwolekanya obwanga.

115 Kale kati, bwe bikolebwa mu nkola ennuŋŋamu, kino bwe kiba nga kye muluubirira . . . Omubuulizi bw'aba abuulira buli omu alina okusirika awulirize omubuulizi. Kubanga ekyo kiba Kigambo kya Katonda kye kiba kibuulirwa, bw'aba abuulirira wansi w'amafuta. Kati, buli mwoyo wa bannabbi afugibwa nnabbi. Omusumba bw'ajja ku kituuti, n'akwata Bayibuli eyo n'agibikkula, ekkanisa eteekwa okusirika, n'emuwuliriza . . . n'asoma Ekyawandiikibwa, n'ewuliriza by'agenda okwogera. Bw'abaako ne ky'ayogera n'owulira nga kirungi, osobola okugamba nti, "Amiina, Mukama yeebazibwe!" oba kyonna ky'oyagala okwogera. *Amiina* kitegeeza "kibeere bwe kityo." Bayibuli etugamba tukikole.

116 Kati, oluvannyuma nga obubaka buwedde . . . Omubuulizi bw'awaayo omwagaanya wakati awo nga abantu bonna bwe bajaguza, nga Omwoyo ali wakati mu bantu, ob'olyawo Ayinza okuweerezaayo obubaka obulala. Bw'Aweereza obubaka, bujja kubaako omuntu gwe buyitamu, oluvannyuma bugobererwe okuvvuunulwa; tebujja kubeera, kunokola bunokozi Kyawandiikibwa oba okukola ekintu kyonna. Katonda takozesa kuddiŋŋana bigambo kutaliimu nsa. Naye bujja kuba bubaka obulambulukufu obulagiriziddwa eri omuntu omu okubaako ekintu *gundi* ky'akola oba kijja kuba kintu ekinaazimba Ekkanisa. Era bwe bafuna obubaka obwo obuzimba Ekkanisa, oyinza okugamba . . .

117 Okugeza nga eky'okulabirako kino: Omuntu n'ayimirira wano n'ayogera mu nnimi; ono n'avvuunula oli by'ayogedde n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA OMWOYO OMUTUKUVU: Leka *Gundi* agende ateeke emikono ku muntu ono ali wano, kubanga BW'ATI BW'AYOGERA OMWOYO OMUTUKUVU, akawungeezi kano ke kaseera ke ak'okuwonyezebwa." Kiba kiki?

Awo omuntu y'omu ono nga agamba nti, "Mbadde ntudde awo; naye nga omutima gunnuma ku lw'omwana oyo." Kati—kati awo nga asituka mu buwulize eri Omwoyo, nga ogenda oteeka emikono gyo ku mwana, nga omwana atereera. Bw'atatereera, wabaawo ekikyamu. Mulaba, mukiraba? Bubaka obulambulukufu.

118 Olwo atakkiriza atudde awo nga alyoka agamba nti, "Lindako katono. Ddala, Katonda ali wamu n'abantu bano!" Mulaba kye ntegeeza?

119 Nga ava awo nga agamba, manya, "BW'ATI BW'AYOGERA OMWOYO OMUTUKUVU: Buli abeera ku ludda lw'ekibuga olw'ebukiikaddyo, okuva ku ludda olw'Oluguudo oluyitibwa Spring okwambuka waggulu, asenguke aveeyo mu nnaku bbiri ezijja, kubanga wagenda kujja omuyaga ogunaayita mu kitundu

ky'ekibuga ekyo kyonna." Kati awo, ekiddako, ekkanisa yonna ebeera eweereddwa obunnabbi.

120 Awo nga wabaawo omuntu, ategeera ebintu eby'omwoyo, nga asituka nga ababuuza nti, "Ekyo kivudde eri Mukama?" Buli omu ku bo. Bwe wayimirira abasajja basatu abalungi ne bagamba, abalamuzi ab'omwoyo, ne bagamba nti, "Ekyo kivudde wa Mukama," awo nga ekkanisa ekikkiriza; era nga buli muntu abeera ku ludda olwo olw'ekibuga asenguka, nga avaayo okumala ekiseera ekyo. Naye kati bwe kitatuukirira omuntu oyo musaanye mumwekenneenye. Mukiraba? Mulina omwoyo omulala mu makkati gammwe. Naye bwe kituukirira, awo mutendereze Katonda era mwebaze Katonda olw'okubakkiriza okusimattuka obusungu obwali bujja. Mukiraba? Mwetegereze ebintu ebyo. Eyo y'Ekkanisa mu nkola ennuŋŋamu.

121 Obubaka bwa mirundi ebiri oba esatu, tebujja kusukka busatu, obunaaweebwa omulundi gumu bwe butyo. Bwonna obuba buweereddwa, mukiraba, buteekwa okuba mu nkola ennuŋŋamu. Ekifo ekisooka. . .awo, ekkanisa endala, ekintu ekirala ekirina okukolebwa mu nkola ennuŋŋamu. . .

122 Simanyi. Eyabuuzizza ekibuuzo kino yandiba nga yabadde mukazi. Nnina. . .Waliwo ekintu ekirala ekinzijidde mu birowoozo byange, kale nakyo leka nkyogere. Omukazi, bwe bajjanga mu kkanisa, okusinziira ku Ndagaano Empya, baayingiranga ne batuula wansi nga beebikkiridde ku maaso n'entunula ennakuwavu, ne babeera awo olukuŋŋaana lwonna. Bwe kityo bwe kiri okusinziira ku Byawandiikibwa. Kaakati. Naye ndowooza nti omukazi. . .Mazima ddala. Kati, sibavumirira mmwe abakazi. Mukiraba?

123 Waliwo omukyala omuto eyajja gyendi gye buvuddeko. Si. . .Ow'oluganda Junior yaliwo omukazi bwe yajja, nga alina obuzibu. Baliraanwa be baamusekereranga, kubanga yagaana okusalako enviiri ebbanga si ddene eryakayita. Ekyavaamu n'agenda n'asalako enviiri ze. Ekyaddirira, ne wabaawo omukazi emitala eri ku mugga n'amutabulatabula, n'amugamba nti mu ngeri ey'omwoyo, agenda kumusiba, ebigere abisibe wamu n'omukono, manyanga, n'enviiri bambi n'aleetera omukazi ono okubeera mu kutya. Omukazi katono agwe eddalu, alina abaana babiri. Yatabulwa nga tamanyi kya kukola. Nga ali awo atudde bw'atyo.

124 Lumu n'avuga emmotoka n'ajja emiryango w'ennyumba. Omwoyo Omutukuvu n'akka wansi, n'ayogera naye, n'amugamba nti agenda kuba bulungi, n'agamba nti, "Era BW'ATI BW'AYOGERA OMWOYO. . . " Okuva awo ne—n'asigala mu mbeera eyo okumala ennaku entonotono, oluvannyuma n'a. . .Eggulo nnagenze, nnabadde ŋŋenze okulaba omukazi oyo nga ndi n'Ow'oluganda Junior n'Ow'oluganda Funk. Era nnabadde mu bbanga nga lya kitundu kya mayiro okuva ne

we yabadde. Yabadde ayimiridde, asanirira enviiri ze z'agenda okuleka—okuleka zikule ku mulundi guno, yagamba nti, "Oba baliraanwa baseka leka baseke bakole na kyonna kye baagala."

125 Naye kati, Omwoyo Omutukuvu teyaŋŋanyizza kugenda we yabadde. Era Yayogedde naye n'amugamba nti nnabadde kumpi n'ekifo waali era nabadde njagala kugendayo. Naye ekiro ekyakeesezza olwa leero mu kwolesebwa, nnalabye omukazi oyo ng'ajja, ne mmubuulira ekimutawaanya; era yawonyezeddwa mu kasenge kange akaseera katono akaakayita. Mukiraba? Bwe kiri, Ow'oluganda Junior? Bwe kiri. Mu kaseera katono akaakayita. Mukiraba? Katonda teyaŋŋanyizza kutuuka we yabadde kubanga ensonga eyo ekiseera kyayo kyabadde tekinnatuuka. Mukiraba? Yantutte n'antuusiza ddala mu kifo kyennyini n'akikakasiza ddala awo wennyini, okulaga nti teyabadde muntu, wabula Yabadde Katonda. Mukiraba?

Kaakati. Yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, omwami wange ayagala mbeere n'enviiri empanvu."

126 Ne mmugamba nti, "Ne Katonda ayagala ekintu kye kimu." Bwe kiri, kubanga abakazi balina okuba n'enviiri empanvu. Ekyo ky'eky'okwebikkirira kyabwe.

127 Nkimanyi ffe abakazi olwa leero, manya mmwe abakazi, manyanga, mwambala enkoofiira. Mugamba ekyo ky'eky'okwebikkirira kyammwe. Ekyo kikyamu. Bayibuli egamba nti eky'okwebikkirira ky'omukazi z'enviiri ze. Era bw'asalako enviiri kiba kiswaza bw'asaba. Si bwe kiri? Bwe kityo Ekyawandiikibwa bwe kigamba. Mukiraba? Kale kati, abakazi balina okukuza enviiri empanvu, si nsonga kiki kye mwagala okukirowoozaako; ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Osobola okundaga ekifo kyonna. . .

128 Oyinza okugamba nti, "Naye, nze enviiri zange mpanvu. Olaba, zituuka ku bibegabega byange." Ezo zaabanga nviiri nnyimpi. "Kristo. . ." Mugamba mbu, "Kristo yalina enviiri empanvu." Nedda, teyazirina. Kristo yalina enviiri ezituuka ku bibegabega, bwe batyo bwe bagamba. Ba—bazisika ne zidda erudda eno ne bazisalako, ezo z'enviiri ezituuka ku bibegabega. Funa amakulu g'ekigambo ekyo mu Luyonaani, ojja kukizuula.

129 Enviiri ez'ekikazi. . .Omusajja talina kubeera na nviiri mpanvu, kubanga za kikazi, ezikkira ddala wansi eno bwe ziti. Naye Yazisalirako wano eno ku bibegabega Bye, we baazisalira, okwetooloola omutwe Gwe, ne bazikomolako bwe batyo. Ezo zaali nviiri nnyimpi.

130 N'olwekyo, abakazi abalina enviiri ezituuka ku kibegabega, ezo zisigala zikyali nviiri nnyimpi. Kati, sigamba nti ekyo kisobola okukutwaza mu ggeyeena oba okukutwala mu Ggulu. Ekyo tekirina kakwate konna nakyo. Naye enkola y'Ekkanisa ennuŋŋamu eri nti abakazi balina okukuza enviiri empanvu. Ekyo bwe kiri; bwe kiri. N'okuyingira mu kkanisa. . .Ne—

n'obutaba na kakwate konna mu nsonga, ensonga z'embeera z'abantu, manya, si . . . ntegeeza nsonga z'okuddukanya ekkanisa. Era alina kuba muwulize, era mwetowaze, n'ebirala bwe bityo, kubanga yali ye, Bayibuli bw'egamba, ye yavaako okugwa okwasooka. Era ekyo kituufu; ekyo kituufu. Kaakati, mangu nnyo ddala. Ekyo ka nsuubire tekibayisizza bubi.

**19.** Ekibuuzo: **Lwaki nnalabikirwa okwolesebwa kwa Katonda bwe nnali nnaatera okulya Okussa ekimu mu kkanisa gye nsabira? Kiweddeyo.** (Kati, erinnya eririko lya mukazi; weewaawo, linnya lya mukazi,) **A . . . Lwaki nnalabikirwa okwolesebwa kwa Katonda bwe nnali nnaatera okulya Okussa ekimu mu kkanisa gye nsabira?**

131 Ekyo, nange simanyi lwaki kyabaawo mwannyinaffe, okuggyako nga kino kye kyali kitegeeza: Bw'oba walaba Yesu Kristo nga ye yakulabikira mu kwolesebwa mu kkanisa gy'osabira bwe wali olya Okussa ekimu, kino kye Yali akutegeeza: nti Ye gwe wali olya mu kabonero. Okulya Okussa ekimu kuba kwa kukiikirira mubiri gwa Yesu Kristo; era wali omulya nga akabonero mu mubiri gwo. N'olwekyo tambulira mu bulamu obuyonjo, era tambulira mu bulamu obulongoofu.

132 Muwulirize. Bw'olya Okussa ekimu (mugenda kukiwulira nga kisomebwa mu ddakiika ntono) nga tosaanidde, obeera ozzizza omusango gw'Omusaayi n'Omubiri gwa Yesu Kristo. Leka omuntu alya ekitundu ekyo atambulire mu bulamu obusaanidde mu maaso ga Katonda, manyanga, alya Okussa ekimu okwo, atambulire mu bulamu obusaanidde mu maaso ga Katonda. Bw'oba tosaanidde tokulya. Ekyo kye . . .

133 Mulabeeyo. Bayibuli yalagula mu nnaku ez'oluvannyuma nti emmeeza za Katonda zonna ziriba zijjudde ebisesemye. Era tewaliba muntu yenna ayinza o—okutegeera. Si bwe kiri? Mulabeeyo. Ebbanga si ddene eriyise nnina ekkuŋŋaaniro erimu lye nnagendamu. Sigenda kulimenya linnya; mwenna mulimanyi bulungi. Mumanyi kye baalya bwe baali balya okussa ekimu? Baalya mugaati, guno oguzimbulukusiddwa, nga gino egya bulijjo, gwe baasaalasamu ttoosi. N'ekibinja ky'abadiikoni, omubuulizi be yagamba nti omusanvu ku bo baali batamiivu . . . Bwe kiri. Era buli omu ku bo, ekibinja kyonna . . . Wali osobola okubalaba nga bwe bagenda bayitaayita mu kizimbe nga boogera n'abantu. Era ekkanisa bwe yasiibulwa, nga okusaba kuwedde, wakati w'ekizimbe kya Ssande sukuulu n'ekkanisa, kyenkana buli omu, omusumba n'abalala, bonna baafuluma ne bagenda bafuuwa sigala ebweru, oluvannyuma ne bakomawo ne balya Okussa ekimu kwa Mukama waffe. Katonda yagamba nti Tayinza butabavunaana musango olw'ekyo. "Mu mmwe kye muvudde mubeeramu bangi abanafu n'abalwadde, era bangi abaakafa." Bwe kiri.

134 N'agamba nti, "Emmeeza za Katonda zonna zijjudde

ebisesemye, ani gwe Nnaayinza okuyigiriza enjigiriza." Yagamba nti, "Kubanga kirina kuba kiragiro ku kiragiro, lunyiriri ku lunyiriri, wano katono, ne wali katono. Munyweze ekyo ekirungi. Kubanga Ndyogera n'abantu bano n'emimwa emigenyi era n'ennimi endala, era kino kye kiwummulo kye Nnagamba ekiribaawo, naye mu ebyo byonna baanyeenya bunyeenya mitwe gyabwe ne batambula ne bagenda ne bagamba nti, 'Tetujja kukiwulira.'" Mulabe we tuli, ab'emikwano. O, twetaaga kusaasirwa! Mugolokoke!

135 Weewaawo, okwolesebwa kwo, Mwannyinaffe . . . Bw'oba oli mukazi omulungi, omulongoofu, omutukuvu mu maaso ga Katonda, wali oyimiridde awo era Yesu yali akutegeeza nti Yali agabula Okussa ekimu, nti wali omulya mu kkanisa eyo nga akabonero; naye bw'oba toli, kwali nga okulabula gy'oli otereere ne Katonda nga tonnaddamu kukikola.

**20. Nnandyagadde okumanya bino kye—kye bitegeeza: Timoseewo Ekisooka, essuula ey'o 2 . . . Timoseewo Eky'okubiri essuula ey'o 2 n'olunyiriri olw'e 16.**

136 Munnindemu katono. Timoseewo Eky'okubiri . . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] Bwe tukuŋŋaana awamu. Oba oli awo oyinza obutakkiriziganya na bye njogedde. Ddayo eka . . . Awo, ojja kuddayo eka weeyongere okusoma n'okwetegereza, era ekyo kijja kukuyamba okubeera ow'omwoyo. Kale, Timoseewo Eky'okubiri 2 n'olunyiriri lwa 16 wasoma bwe wati:

> *Naye ebigambo ebitaliimu nsa era ebivvoola obyewalanga: kubanga biriyitirira mu butatya Katonda.*

Weewaawo. Kale, oyagala kumanya "ebigambo ebivvoola" kye bitegeeza. "Ebivvoola . . . weewale ebigambo ebivvoola, kubanga biriyitirira."

137 Kati, ekisooka "by'ebigambo ebivvoola, kubanga biriyitirira." Kati, ekintu kyonna ekitaliimu makulu . . . kibeera mu ngeri ya kuvvoola. Bayibuli egamba, Yesu agamba nti, "Leka 'weewaawo' yo ebeere 'weewaawo' ne 'nedda' yo ebeere 'nedda,' kubanga ekintu kyonna ekisukka ku kino kijja kukomekkerereza mu kibi." Temulina wadde okusaaga n'okumala googera ebisesa buli omu ne munne. Katonda alikuvunaana buli kigambo ekitaliimu nsa ky'oyogera. Ekyo mukimanyi? Bayibuli egamba nti olivunaanibwa buli kigambo ekitaliimu nsa. Kati tulina kuba bantu ba kika ki? Tulina kuba bantu abategeeza kye twogera, abategeeza kye tuliko, abalina okwagala, ab'ekisa, era abatasangibwamu busirusiru bwa ngeri yonna, bulijjo ababeera bagenda mu maaso nga . . .

138 Mulabeeyo. Ggwe laba omuntu leero atandiikiriza oku . . . Nze kennyini nkirabye mu bulamu bwange, ate n'obutonde bwange, engeri gyendi Mw'ayiriisi; Bulijjo nneesanga nga ntwalirizibwa, okumala googera ebisesa n'okusaagasaaga. Era

buli—buli kiseera mukyala wange atuuka n'okuŋŋamba nti, "Naye, Bill . . . !"

Ne mmugamba nti, "Oli mutuufu, Mukwano." Nga aŋŋamba, nga bwe nkoonaganya enkokola n'abaana . . . nga mbagamba . . . Nga bwe nsaaga nabo oba ekintu bwe kityo, nga bwe mbagamba nti, "Kale kati, mukimanyi, nti waliwo abasajja ab'ekitalo basatu abaava mu Kentucky."

"Be b'ani abo?"

"Kuliko, Abraham Lincoln."

"Weewaawo."

"Daniel Boone."

"Uh huh."

"Ne taata wammwe." Ekintu bwe kityo.

139 Nga aŋŋamba nti, "Kati nno, Bill, era okizzeemu." Era mbeera nnina okugenda ne mbaako ne we nneekweka mu kasenge, ne ŋŋamba nti, "Ayi Mukama, nkusaba onsonyiwe, ekyo sigenderedde kukyogera. Baako ne ky'onkola; onsobozese okukireka." Mukiraba?

140 Era buli lunaku nni . . . ekyo bwe nkikola . . . Kati, ku makya ga leero twabadde twogera ku kigambo *okuddirira*. Ekyo bw'okikola obeera oddiridde. Yee, ssebo! Olina okwenenya. Si bwe kiri? Kati, sitegeeza nti ogenze mu nsi n'okola *kino* na *kiri*, naye olina ky'okoze. Olina okwenenya n'okufa buli lunaku okubeera omulamu mu Yesu Kristo. N'olwekyo buli, buli lunaku, buli lunaku, olina okufa buli lunaku okubeera omulamu mu Kristo Yesu.

141 Bwe mbaako ekintu kye nkola . . . Emirundi mingi nkola ebintu ebikyamu. Nnyinza okubeera eyo, oli n'abaako ne ky'ayogera, ne nkyogerako ekisesa. Omuntu ayinza okugamba . . . Si kintu ekisesa ekibi; kati sikkiriza nti Abakristaayo boogera ebintu ebisesa ebicaafu. Nedda, ssebo! Nedda, ssebo! Ebyo Abakristaayo tebalina na kubyogera, Bayibuli bw'egamba. Egamba nti weewale ebintu ng'ebyo eby'obugwenyufu, n'ebisesa, n'okujerega, n'ebiringa ebyo. Nedda, ebyo Abakristaayo tebabyogera; Abakristaayo babeera n'ebirowoozo ebirongoofu.

142 Naye bw'oteegendereza, obw'olumu ojja kubeera n'omuntu . . . Olwa leero ajja kwogerayo akantu akatotono akasesa. Era eky'amazima, ye ajja kulowooza si kabi, era amale gakoogera, nga tasoose kukafumiitirizaako. N'enkeera oyogereyo obuntu obulala bubiri obusesa. Mukiraba? Onaagenda okwejjuukiriza, nga okola kirala. Okukkakkana, kikuzzeeyo nate mu bintu biri ebicaafu. Si bwe kiri? Weewale ekintu ekyo. Kyewale! Era weewale ebigambo ebyo eby'obugwenyufu.

143 Mwali muwulidde ku muntu n'ajja gy'oli . . . Leka mbaweeyo eky'okulabirako ekitonotono. "Muky. Doe, nkubuulire? Bannange nnalabye bbaawo. Era nkubuulira ki. Mudiikoni." Mukiraba? Era . . .

Kati, omuntu oyo mugambe kimu, nti, "Saagala kukiwulira!" Bwe kiri, otambule omuviire. Awo ajja kuba takyasobola kubikugamba, era ajja kubikomya awo. Bwe kiri.

144 "Ha, Mwannyinaze, nkubuulira ki? Leka nkubuulire ekyatuuse ku Wooluganda." Si bannyinaffe bokka, naye n'ab'oluganda. Mukiraba?

"Ow'oluganda, leka nkubuulire ekyabaddewo. Omanyi singa tusobola okugoba omubuulizi ono, singa tusobola okukola *kino*, oba ne tugoba omudiikoni ono, oba singa tusobola okukola *kino*." Ha, ha! Ekintu eky'engeri eyo kye—kyewalire ddala nga bw'osobola.

145 Waliwo akantu akalungi ke ndowooza k'osaanye okuteeka ku mmeeza yo, kantu ke nnalaba emmanga mu Florida ebbanga si ddene eriyise. Kaali kafaananyi ka bukima busatu; nga akamu ku bwo engalo zaako kazibisse ku maaso gaako, kagamba nti, "Tolaba kibi"; akalala nga kazibikidde amatu gaako n'engalo zaako, kagamba nti, "Towulira kibi"; n'akalala nga kakutte ku kamwa kaako, kagamba nti, "Toyogera kibi"; Ekyo ndowooza kintu kirungi si bwe kiri? Yee, ssebo! Ha, bannange! Ekyo kintu kirungi nnyo.

146 Ebirowoozo byo bikuume nga birongoofu era nga biri ku Kristo. Tosobola kumala gagamba nti, "Naye, kati . . ." Kati olaba, bw'oteegendereza, ojja kwesanga nga oli mu mbeera, bw'ogenda mu maaso nga olowooza nti . . . Ate to—tolowooza nti olina . . . Kati toyinza kubeera nga otuukiridde nnyo kutuuka kubeera nti tokola nsobi eyo. Kati, tolowooza nti olituuka mu mbeera eyo, kubanga tolijituukamu. Nedda, ssebo! Tolowooza nti tokola bibi, era mazima ddala ensobi ojja kuzigwamu, ku ludda luno ne ku ludda luli.

147 Naye omuntu akubiddwa n'agwa wansi, bw'aba mujaasi yennyini ajja kuddamu asituke. "Mukama, nnyamba nsituke nziremu ngezeeko." Naye omutiitiizi, oluba okukola ati ensobi ye esooka, era nga bwe nnagambye ku makya ga leero: ekiwuka ne nnabbubi ow'oku mazzi mangu ddala bijja kwekulula biddeyo mu mazzi. Mukiraba? Tasobola kukigumira.

148 N'olwekyo weewale ebigambo ebyo byonna—eby'obugwenyufu n'okwejeeguula, n'okumala googera. *Okujoboja* kitegeeza "kuvuya." Ate Bayibuli yagamba nti, "Mubatunuulirenga abo ababaleetamu eby'okubaawukanya."

149 Omuntu bw'akugamba nti, "Uh huh! Uh huh," mugambe kimu nti, "Oli otya? Nsanyuse okuddamu okukulaba. Weebale." Ogende makubo go. Ekyo ky'ekisinga. Tomwewala naye mulambe. Tofaayo ku by'ayogera, kubanga olabye kye bivaamu.

**21. Yesu yali ludda wa okuva lwe Ya . . . Yesu yali ludda wa okuva lwe Yabatizibwa okutuuka ku myaka esatu egy'obuweereza Bwe?**

150 Kale. Yesu, bwe Yabatizibwa, yava butereevu mu mazzi, Omwoyo n'amutwala mu ddungu okukemebwa ssetaani okumala ennaku amakumi ana emisana n'ekiro. Era Yakemebwa okumala ennaku amakumi ana emisana n'ekiro. Era Yasiiba. N'ava mu kusiiba. Ssetaani yamukema bwe Yava mu kusiiba Kwe. Era Yaziyiza ssetaani nga akozesa Ekigambo kya Katonda, n'ayingira mu buweereza Bwe, n'abuulira okumala emyaka esatu n'ekitundu, okusinziira ku Byawandiikibwa.

151 Mulabeeyo. Edda eri mu kitabo kya Danyeri Katonda yayogera n'agamba nti Alibuulirira emyaka esatu n'ekitundu era oluvannyuma alisalibwako nga Ssaddaaka mu kiseera ekyo. Kyennyini ddala ekyabaawo. Yali yayawulibwa nga n'ensi tennatondebwa. Bwe kiri.

152 Matayo essuula ey'o 4, w'ojja okukisanga. Bwe kiba tekikwatagana na ky'okkiriza, tewali kabi.

Kati, ekyo kyo si . . . Leka tulabe kye . . . O, weewaawo. "Bali ludda wa . . . ?" Ekyo tubadde twakakifuna akaseera katono emabega. "Abafu bali ludda wa?"

**22. Mu kiseera ekimu—mu kiseera ekimu ffenna twali bazungu oba twali baddugavu? Ku bombi, b'ani abaateekebwako ekikolimo?**

153 Kati, okusinziira ku kye tumanyi, sisobola kukugamba nti Adamu ne Kaawa baali—baali bazungu, oba ba kitaka, oba ba kyenvu, oba baddugavu. Ekyo sisobola kukyanukula. Nzikiriza, tewali n'omu amanyi kye baali okuggyako Katonda yekka; Ye yaliyo. Kaakati, mu . . . Ffenna twali twogera olulimi lumu era twali bantu be bamu okutuuka ku munaala gw'e Babeeri, bwe waabaawo okutabulwatabulwa. Awo ennimi zaabwe we zaava okwawukana. Era okusinziira ku kye tumanyi bonna baali bantu be bamu okutuusa mu kiseera ekyo. Era beeyawulayawulamu ne basaasaanira mu bitundu by'ensi eby'enjawulo.

154 Era abamu . . . Ggwe funa ensolo; funa obulamu obw'engeri yonna obulya ku kika ky'ettaka ekimu, obulamu obwo ekyo ky'ekika kya langi gye bujja okuba nabwo. Wano bwe waba waliwo omuyizzi yenna, ngoberera tutambuleko fenna okumala eddakiika entonotono. Serengeta emmanga mu Mexico, oggyeyo omusege; ojje n'erudda wano mu Arizona nawo oggyeyo omusege; oyambuke n'engulu eri mu Bukiikakkono nayo oggyeyo omusege gwe gumu, olabe langi ezo essatu. Funa ekisolo kye bayita Gila monster ekyakulira mu Texas, ofune n'ekyakulira mu Arizona, olabe bwe byawukana (okiraba?), kubanga enjawulo eyo ereetebwa ttaka gye bibeera. Mukiraba?

155 Era kati, Omuchayina, Omuchayina wa—wa kyenvu, Omujapaani, n'abalala, n'Omuchayina. Kati Omwesopiya ate

ye mu—muddugavu, manya omuddugavu Omunigulo gwe tulina kati. Era yaserengeta n'agenda mu nsi ezo ez'abaddugavu emmanga eyo.

156 Era ba—era—era baali. . .Ate kati bw'oyogera ku muzungu abo be baali Abangereza ba nnansangwa nga be baffe. Era, be—be bantu wano, be tuyita abazungu, baava Bungereza edda eyayitibwanga "ensi ya Bamalayika." Era olw'okuba baali bazungu, abalala ba katakketakke, n'abalala. . .Naye ne basaasaana abamu ne bagenda waggulu eri mu Ireland, abalala mu Norway, n'awalala, waggulu eyo. Naye bonna bava mu Bangereza ba nnansangwa.

157 Kati, ku bombi ani yasooka era ani yakolimirwa? Tewali n'omu ku bo. Ky'ogezaako okutuukako nkimanyi. Ogezaako kutuuka ku Kaamu. Mmanyi gy'olaga, oyagala kutuuka ku bantu abaasibuka mu Kaamu.

158 Kati, waaliwo Kaamu, Seemu, ne Yafeesi. Kati Kaamu, te—te—teyagezaako kubikka ku bwereere bwa kitaawe, wabula yamusekerera busekerezi n'amufuula ekyerorerwa. Bw'atyo Katonda n'ateeka ku Kaamu ekikolimo olw'okutunuulira obwereere bwa kitaawe n'atagezaako kubikka ku nsonyi ze. Naye Seemu ne Yafeesi ne batambula nga bwe badda ekyennyumannyuma ne basuula ebyambalo byabwe ku kitaabwe bwe yali agalamidde nga ali bukunya. Era kati, okuva awo Katonda n'agamba Kaamu nti ezzadde lye liriweereza abalala.

159 Kati, bw'oba olowooza nti ekyo kyali kikolimo, abamu okufuuka abaddugavu, kati nno kitegeere, ne mu Bayudaaya namwo mulimu abaddugavu. Bw'oba olowooza nti abo abaakolimirwa be—beebo, be tuyita ba kaddugala, manya, Abaddugavu abanaigulo mu ggwanga lino be tulina leero, weetaaga ogendeko mu Buyindi. Mu Bayindi mulimu abaddugavu ennyo okusinga n'Abaddugavu abanigulo. Amawanga gombiriri ngabaddemu. Tulina—Omwesopiya okuva emmanga eri mu Ethiopia, n'Omufirika, leero gwe tumanyi nga omuddugavu. Gyebali eyo, bangi ku bo bakyali mabega nnyo mu ngeri gye batambuzaamu obulamu bwabwe, mu bika byabwe. Nga bwe twali mu kiseera Yesu we yajjira.

160 Abazungu baali mabega nnyo nga ba nnansangwa b'omu Afirika bwe bali mu kaseera kano, ob'olyawo n'okubasingako. Mujjukire, nti emyaka enkumi bbiri emabega twayitanga bukunya nga tukwata—tukwata akasaale n'omutego wamu n'embazzi ey'ejjinja, nga bye tuyiggisa (ddala bwe twali), ffe Abazungu. Ky'ekyo ddala bwe kyali. Kati ku bombi ani yakolimirwa?

161 Nja kukuddamu kimu nti leero oyo agaana Yesu Kristo ye mukolimire. Kye kyokka. Oyo akkiriza Yesu Kristo ye w'omukisa.

162 Kati, tosobola kugamba nti . . . Nja kwambuka, ŋŋende nzigyeyo Omwesikimo, okuva mu bitundu biri eby'omu mambuka. Kubanga wadde babeera mu mambuka eyo; naye abantu abo baddugavu nnyo n'okusinga abaddugavu be tulina wano. Nja kugenda e Buyindi nzigyeyo Abayindi; ate oyo ye—oyo ye si muddugavu, oyo kaddugala yennyini. Oyo muddugavu nnyo n'okusinga . . . oyo muddugavu zzigizigi. Era y'ayitibwa . . . Naye nga Muyindi. Kati ate, bw'ogenda mu Afirika tulinayo abamu ku Bafirika nga . . . Abamu ku bo beeru; abamu ku bo kyenkana balinga bazungu; ate abamu ku bo ba—ba langi za njawulo.

163 Bw'ogenda mu Bayudaaya; oyinza okugamba nti Abayudaaya bonna bali—ba katakketakke. Omuyudaaya wa langi ya kitaka, naye nnina bangi be nnali ndabye abalina enviiri emmyufu n'amaaso aga bbululu, n'ensusu enjeru. Mukiraba?

164 N'olwekyo ensonga yonna mu kugiwumbawumba eri nti: ffenna twava ku muti gumu. Bwe kiri. Era ffenna twakolimirwa okuyita mu kugwa okwaliwo mu Adeni. Era ffenna twalokolebwa okuyita mu kuzuukira kwa Yesu Kristo. Ky'ekyo. N'olwekyo tekuli aliko kikolimo. Abaliko ekikolimo beebo abatakkiriza, naye balina omukisa abo abakkiriza. N'olwekyo tekuli n'omu yakolimirwa, mukwano gwange, oba muddugavu oba kaddugala, oba muzungu oba wa kyenvu. Kubanga, omuddugavu bw'aba nga ekyamuleetera okubeera omuddugavu kwe kuba nti yakolimirwa, kitegeeza owa kyenvu ye yakolimirwako kitundu. Ate—ate owa kyenvu, ate owa kitaka, ye n'akolimirwa bibiri bya kusatu. Okiraba? Ate olwo, Omufirika ye n'akolimirwa ebitundu bina ku bitaano. Era ndowooza awo Omuyindi y'abeera yakolimirwa mu bujjuvu. Ha, bannange! Nga butaliimu obwereere! Nedda! Langi ezo zaaletebwa mbeera ya budde ey'enjawulo n'ebitundu abantu mwe baabeera. Bye byabaleetera okukyuka, n'okwekolamu amawanga ge balina n'ebintu ebirala, ne baawukana.

165 Tunuulira Omuyindi nnansangwa ow'omu Amerika. Bangi ku abo . . . Abayindi Abanavajo erudda eri baddugavu nnyo n'okusinga Abeesoopiya be tulina mu ggwanga lino, abayindi Abanavajo. Abayindi ab'e Apache ba . . . Langi y'ensusu zaabwe eringa ya—ya kikomo. N'ebika ebirala eby'enjawulo . . . Mukiraba? N'olwekyo mu Bayindi mwennyini, wano wennyini, osangamu abaddugavu, ate kyenkana . . . N'omuyindi Omucheroki naye kyenkana wa kikuusikuusi nga ffe, omuyindi Omucheroki. Ate nga ebika ebyo eby'enjawulo, byonna biri wano wennyini mu ggwanga lino. N'olwekyo okiraba, toyinza kugamba nti bali baakolimirwako kitundu ate bano baakolimirwa mu bujjuvu. Eky'okubeera abaddugavu tekitegeeza nti baakolimirwa. Eky'okubeera aba kyenvu oba abeeru tekitegeeza nti baakolimirwa. Waliwo ekikolimo kimu kyokka kye mmanyi, era ekyo bwe butakkiriza Yesu Kristo.

(Nkimanyi Donny, kye kiseera mmalirize, naye nkyalinawo ebibuuzo ebirala bibiri.)

**23.** Kale kaakati. **Ebika bya Isiraeri ekkumi ebyabula ebyasaasaana biri ludda wa (Olubereberye 44:49), ekika kya Yusufu eri amawanga amangi? Simyoni, Leevi, abataalina nsi yabwe ku bwabwe, wabula abaasaasaanira mu bika biri ebirala ekkumi . . . Ebika ekkumi biri ludda wa? Tusobola okuzuula we biri?**

166 Yee, ssebo! Bisobola okuzuulibwa we biri. Ebitundu byabyo mwe biri bisobola okuzuulibwa mu Bayibuli. Era Katonda atubuulira gye biribeera mu nnaku ez'oluvannyuma n'enkomerero yaabyo bw'eribeera. Ne mu kaseera kano kennyini, naakava okusoma ekitabo, ekiraga we baali mu Isiraeri, we yagambira nti omu yali annyise ebigere bye mu mafuta n'ebirala bwe bityo. Bonna bonna Katonda yabawa ebitundu, aw'okutuula mu bifo eby'enjawulo. Era Abayudaaya bonna bali mu kuddayo mu Palestina, Katonda gye yasuubiza gye balibeera mu nnaku ez'oluvannyuma.

**24.** Ekibuuzo ekirala: **Nsobola . . . Siyinza kukkiriza nti Katonda yasindika entalo ng'omusango. Siyinza kukkiriza nti Katonda asindika entalo ng'omusango.** (Kati muwulirize.) **Sikkiriza, nga abamu bwe bakkiriza, nti Katonda ye yateeka ekitala mu mikono gy'abatemu bano okuva mu Babulooni ey'edda mu mikono gya Hitler, okutta abakazi n'abaana abatalina musango wamu . . . wamu n'abalina omusango, okutuukiriza omusango gwa Katonda. Nsaba Katonda . . . Katonda wange alina okwagala tasobola kukola . . . Katonda wange alina okwagala** (Munsonyiweko!), **kino tayinza kukikola. Entalo kukola kwa Ssetaani. Nkusaba otangaaze okutabulwa kuno.**

167 Kaakati, musooke mulindeko. Kino mbadde nnaakakisoma akaseera katono akaakayita, y'ensonga lwaki nnakitadde wansi awasemba. Kati, mbasaba mugire nga mukyagumiikirizza. Kati, kino leka—leka tukikwateko butereevu, kubanga kino kibuuzo ddala eky'ensonga. Era kiteekwa okwanukulwa n'obwegendereza. Amangu ddala nga tukimalirizza, bwe muba musobola okwongera okutugumiikiriza okumala akaseera katono . . .

168 Nkimanyi obudde buyise, naye ki . . . Naye, mujjukira ebiseera biri? Kati, wateranga okugenda mu ndongo ekiro kyonna nga tofaayo ku kintu kyonna (mukiraba?), ne weetaba mu bintu by'ensi, naye bwe kituuka ku Kigambo kya Katonda bwe kisussa eddakiika amakumi abiri, ow'oluganda, tuwulira twagala tufune omubuulizi omupya. Mukiraba? Kya nsonyi. Pawulo yabuulira ekiro kyonna. Nnali mbuuliddeko wano wennyini mu myaka egyayita okutuuka ku ssaawa munaana

n'omwenda ekiro. Nga abantu batambula bwe badda eno n'eri mu kifo kino wano nga batendereza Katonda ku ssaawa munaana oba mwenda ekiro. Nyabula singa mwaliwo ne mulaba abantu abawera daziini nga bafuna Omwoyo Omutukuvu omulundi gumu ku ssaawa munaana oba mwenda ekiro. Katonda atusaasire. Mpulira singa nsobola okuddamu ne nkirabako. Naye tetusobola; ekiseera ekyo kyayita. Kati ekiseera ekyo kyayita; tewakyali kiseera. Ekiro kyeyongedde okusembera era abantu bali awo. . . "Naye, ffe tetukyafaayo, kale. . . Bannange, singa bamaliriza, naffe ne tuyingira." Kale weesanga nti—nti eyo y'embeera eriwo.

169 Mulindeeko, kati njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Kati, ŋŋenda kwawukana naawe, ow'oluganda oba mwannyinaze, ssimanyi. Kyaleeteddwa ne kiteekebwa wano ku makya ga leero. Obwedda nkirina mu Bayibuli yange era mbadde nkitunuulira akaseera katono akaakayita. Kaakati, mu ngeri ey'omukwano. . . Era kati, ssaagala o—o—ontabukire. Njagala owulirize n'obwegendereza.

170 Era tu. . . Jjukira nti, nnandyagadde nnyo okukkiriziganya naawe ku kino—mu kusalawo kwo ku nsonga eno nga bwe nnali njagala okukkiriziganya n'omukazi oli, mukazi wattu gwe nnayogeddeko akaseera katono akaakayita. Eyagamba nti. . . Ye ne bba, bandimaze gagenda ne bafumbiriganwa; ne kiggwa. Naye yakola ekirayiro; alina okukinywererako. Mukiraba? Kale kati, nange nnina okunywerera ku Kigambo kya Katonda.

> Naye kati, **ssikkiriza. . .** Naye okusooka agambye nti, **ssisobola kukikkiriza nti Katonda asindika entalo nga omusango.**

171 Kale kati, mukwano gwange, waliwo ekintu kimu kyokka ekikyamu n'ekyo ky'okkiriza ku nsonga eno, nga kiri nti, ky'okkiriza tekikwatagana na Byawandiikibwa. Eky'amazima Katonda asindika olutalo ng'omusango. Ekyo ddala bwe kiri. Nze—ŋŋenda kukuwa Ekyawandiikibwa; naye sigenda kukisoma busomi wano eno oluvannyuma nkikubuulire.

> Labayo. **Sikkiriza nga abamu bwe bakkiriza nti Katonda ye yateeka ekitala mu mikono gy'abatemu bano okuva mu Babulooni ey'edda mu mikono gya Hitler, okutta abakazi n'abaana abatalina musango.**

172 Singa nkugamba mu Linnya lya Yesu Kristo nti ddala Yakikola, era ne nkikakasa nga nneeyambisa Bayibuli, onaakikkiriza (olaba?), nti Yakikola? Kale. Era Agenda kuddamu akikole. Kale. Kati wuliriza kino.

173 Simanyi. Kati eyabuuzizza ekibuuzo kino ayinza okuba mukwano gwange ow'oku lusegere nga atudde wano okusinziira ku kye mmanyi; kubanga Katonda Ali mu Ggulu akimanyi nti n'empandiika simanyi nnyiniyo. Siyinza kukugamba nnyiniyo. Naye njagala muwulirize kino. "Katonda wange ye Katonda

alina okwagala, Katonda wange kwagala era tayinza kukola kintu nga kino. Entalo za Ssetaani.” Nja kukkiriziganya naawe nti entalo za Ssetaani. Ekyo ddala bwe kiri. Ye mulangira w’ensi eno. Buli bwakabaka na buli ggwanga lyonna mu nsi eno bya Ssetaani. Katonda mu Kigambo Kye yagamba bibye. Ssetaani yagamba nti, “Byange.” Yesu n’akkiriza nti byali bibye. Naye byonna Agenda kubisikira oluvannyuma lw’akaseera, Yesu ajja kubisikira. Bw’alibisikira tetuliddamu kuba na ntalo. Naye Katonda akkiriza Ssetaani okukola kino olw’okugololola n’okusala omusango.

174 Kati, njagala mbeeko ne kye nkubuuza nga tetunnatandika. Njagala onnyanukule kino tulabe. Bw’oba tokkiriza nti Katonda ye . . . (Ogambye) . . . tayinza kukola bintu nga bino. Okukibaviira ddala ku ntandikwa . . . Kati, mumpe ebirowoozo byammwe byonna bwe muba musobola. Muwulirize. Lwaki Katonda Mwene yakangavvula Omwana We Yennyini n’amuttira ku musaalaba? Katonda yatta Omwana We Yennyini ku musaalaba. “Naye Katonda yasiima,” Ekyawandiikibwa bwe kigamba, “okumukuba, n’okumubetenta, n’okumufumita.” Ebyo byonna Katonda yabikola Omwana We Yennyini okusobola okukulokola.

175 Njagala mbuuze ku Sawulo, kabaka wa Isiraeri ow’amaanyi ennyo. Katonda yamugamba agende alumbe Kabaka Ogi na buli kimu kyonna kye yalina era asaanyizeewo ddala buli kimu kyonna ekyali mu bwakabaka obwo, abasajja, abakazi, abaana, na buli kimu kyonna . . . Naye Sawulo . . . ka zibeere ente azitte, obutaleka kintu kyonna nga kiramu. Naye Sawulo n’agendayo n’abaako ente ze yataliza n’atazitta. Era Katonda n’amuggyako Omwoyo n’amumwawulako; n’afuuka omulabe wa Katonda.

176 Lwaki Eriya yayimirira awo Katonda bwe yagabula Kabaka omukadde Ogi mu mikono gya Akabu? N’agamba Akabu atte kabaka oyo. Naye Akabu n’agaana okukikola. Eriya nnabbi n’alagira omukuumi we a . . . Yamugamba nti, “Nfumita n’ekitala kyo.” N’akitegeera nti yali nnabbi.

N’amugamba nti, “Sijja.” Bw’atyo n’afiirwa obulamu bwe. N’agamba omulala, n’amugamba nti, “Nfumita.” Omusajja n’amusogga ekitala n’amutema ekiwundu. Ne yeebikkirira ekiremba ku maaso ne yeefuula n’agenda abaako we yayimirira. Awo Akabu n’ajja nga yeebagadde eggaali lye.

N’amubuuza nti, “Ki—kiki ekikuyimirizza wano?”

N’agamba nti, “Nze, nnali mukuumi; naweebwa omusajja mmulabirire. Naye n’ankuba n’adduka,” N’agamba, “ne mmuleka n’agenda. Ate nga baali baŋŋamba nti bw’alibula, obulamu bwange bwe buliba mu kifo ky’obulamu bwe.”

N’amugamba nti, “Weewaawo, obulamu bwo bunaabeera mu kifo ky’obulamu bwe.”

Ne yeebikkula ne yeggyako ekiremba ku maaso n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, kubanga tewatta kabaka oli emmanga eri, obulamu bwo kye buliva bubeera mu kifo ky'obulamu bwe." Si bwe kyali? Ddala bwe kyali.

177 Leka mbeeko ne kye mbasomera wano. Ate Babulooni, Yoswa bwe. . .Katonda bwe yasindika Yoswa asomoke agende emitala eyo, n'azikiririza ddala obwana obuwere, abaana abakuze, na buli kimu kyonna. Era singa yabaako ne ky'ataliza kyonna n'akireka nga kiramu. . .Buli kimu kyonna yakisaanyaawo. Obwana obuwere Obufirisuuti, bwonna yabuzikiriza n'abumalawo. Katonda ye yamulagira. Era ssinga teyakikola, obulamu bwe bwe bwandirugenze.

178 Ekyo ŋŋenda kukinnyonnyola mu ddakiika ntono. Katonda kwagala, kwagala okutuukiridde; naye okwagala temukumanyi. Y'ensonga lwaki leero abantu tebamanyi kukkiriza kye kitegeeza. Katonda kwagala. Ateekwa okubeera mu kwagala; Alina obuyinza ku Kigambo Kye. Era Alina okukuuma Ekigambo kye. Alina okukwagala. Era bw'Aba nga akwagala, Alina okukukuuma.

179 Wulira kino. Ggwe ayogera ku kuttibwa kw'abaana abato. Mulindeeko katono, mbeeko ne kye mbalaga wano mu Byawandiikibwa, Bayibuli kye—ky'eyogera ku bintu bino wano. Leka tubikkule wano eno tusooke tuwulirize kino tulabe Katonda kye yayogera. Kati, nsoma okuva mu Ezekyeri essuula ey'o 9, bw'oba wandyagadde okukiwandiika. Muwulirize bulungi:

> Awo. . .*n'Ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene mu matu gange, ng'ayogera nti, Sembeza abo abakulira ekibuga,. . . buli muntu ng'akutte eky'okulwanyisa kye ekizikiriza mu mukono gwe.* (Kati, ono Katonda y'ayogera.)
>
> *Kale, laba, abasajja mukaaga ne bajja nga bafuluma mu kkubo ery'omulyango ogw'engulu, ogwolekera obukiika obwa kkono, buli muntu ng'akutte eky'okulwanyisa kye ekitta mu mukono gwe; n'omusajja omu wakati mu bo ayambadde bafuta* enjeru, *ng'alina ekikompe kya bwino eky'omuwandiisi mu kiwato: ne bayingira, ne bayimirira* awo ku. . .ku *mabbali g'ekyoto eky'ekikomo.*
>
> *Awo ekitiibwa kya Katonda wa Isiraeri kyali kirinnye okuva ku* bakerubi, *we kyali, okutuuka ku mulyango ogw'ennyumba.* N'ampita. . .*n'ayita omusajja ayambadde bafuta* enjeru, nga alina. . . *eyalina. . .ekikompe kya bwino eky'omuwandiisi mu* mukono gwe—manya *mu kiwato;*
>
> Awo. . .*Awo* M*UKAMA*. . .(Ennyukuta ennene eza M-U-K-A-M-A, nga oyo ye Katonda.). . .*awo* M*UKAMA*

*n'amugamba nti, Genda oyite wakati mu kibuga, wakati mu Yerusaalemi, . . . oteeke akabonero ku* kyenyi *ky'*omuntu *abassa ebikkowe era . . . abakaabira . . . emizizo . . . egikolerwa wakati mu kyo.*

*N'abalala n'a . . .* (MUKAMA.) *. . . n'abagamba nze nga mpulira nti, Mmwe muyite mu kibuga nga mumuvaako ennyuma, mufumite:* era *eriiso lyammwe lireme okusonyiwa, so temubanga na kisa:* (Mwetegereze, olunyiriri olw'o 6.)

*Muttire ddala—*ddala *omukadde . . . n'omuto . . .* abawala, *. . . abaana abato . . . abakazi: . . .* (Ebyo Katonda ye yabyogera. Katonda ye yabyogera!) *. . . naye temusembereranga muntu yenna* alina *akabonero; era* n'a*sookera ku* wakadde *. . . ku watukuvu—*n'asookera ku bakadde *. . . abaali mu maaso g'ennyumba.*

180 Mu ngeri endala, Katonda yagamba abantu bano nti, "Kati, mulindeeko; Ŋŋenda kusooka kuteeka kabonero ku bantu, abo ddala abaatukuzibwa eri Katonda . . ." Era n'Abateekako akabonero. N'agamba nti, "Kati," nga agamba abasajja bano abaalina eky'okulwanyisa eky'okutta nti, "muyiteemu era temutaliza ka babeere abakazi, ka babeere abaana, yadde ekintu kyonna, naye muttire ddala buli kimu."

181 Mu kuzikirizibwa kw'ensi eyaliwo nga amataba tegannabaawo, bwe waaliwo obukadde n'obukadde n'obuwumbi bw'abantu ku nsi, Katonda n'atuma omubuulizi w'obutukuvu erinnya lye Nuuwa, n'abuulira okumala emyaka kikumi mu abiri, n'abagamba bayingire mu kyombo, nti byonna ebitaayingire mu kyombo bijja kuzikirizibwa . . . Era Katonda Omuyinza w'ebintu byonna, eyalina obuyinza ku bwengula, n'atonnyesa enkuba eyasaanyizaawo ddala obukadde n'obukadde bw'abakadde, n'abavubuka, n'abawere, ne batugibwa amazzi ne gabazikiriza.

182 Katonda Omuyinza wa byonna, ate nga mu butuufu Ye Katonda alina okwagala. Era ekyo kituufu. Ateekwa okuba n'okwagala. Ayagala Ababe Ye. Alina obuyinza ku Kigambo Kye. Kale sigezaako ku . . . kukuwakanya buwakanya, naye sikkiriziganya naawe. Katonda wo oyo ow'okwagala . . .

183 Juuzi wano ebbanga si ddene nnali njogera . . . Ndowooza ob'olyawo yali wa nzikiriza y'Abajulirwa ba Yakuwa. Omusajja yajja gye ndi n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, oyagala kuŋŋamba nti okkiriza nti waliyo ggeyeena eyaka omuliro?"

Ne mmugamba nti, "Si nze nkyogera, Bayibuli y'ekyogera."

N'ambuuza nti, "Oyagala kuŋŋamba nti Kitaffe ow'omu Ggulu ajjudde okwagala asobola okwokya abaana Be ne basirikka? K'abeere ggwe," n'agamba nti, "tosobola kwokya mwana wo."

Ne mmugamba nti, "Nedda, ssebo!"

"Kaakati, ggwe omuntu obuntu bw'oba olina okwagala okwenkanidde awo (mulaba, engeri abantu gye bayinza okunyoolanyoolamu ekintu ne bakitaputa kifuulannenge?), ggwe omuntu obuntu bw'oba olina okwagala okwenkanidde awo, olowooza Kitaffe ow'omu Ggulu ajjudde okwagala asobola okuzikiriza abaana Be?"

184 Ne mmugamba nti, "Tayinza n'akatono!" Tazikiriza baana Be, naye ensonga eri nti oli mwana w'ani? Katonda tazikiriza baana Be. Afuba nnyo nga bw'Asobola okubayingiza munda. Naye ssetaani eyasumululwa y'ajja okuzikiriza abaana be. N'olwekyo Katonda awa buwi Ssetaani mwagaanya kukikola.

185 Mulabeeyo. Yali ani eyakkiriza obubi okukka wansi wamu ne Ssetaani okugenda okuzikiriza omuweereza wa Katonda eyali asinga okuba atuukiridde eyaliwo okutuusa Yesu Kristo, n'atwala abaana be na buli kimu kyonna kye yalina, Yobu? Era Katonda yasindika omwoyo omubi ne gugenda guzikiriza abaana ba Yobu bonna na buli kimu kyonna okugezesa omuweereza We. Si bwe kyali? Mazima ddala.

186 O, nsobola okuyimirira wano okumala essaawa nnamba ne mbakulaga ab'enjawulo, Muganda wange, Mwannyinaze. Bwe kiri, kyonna ky'oli. Togeza okutabulatabula Omwoyo wa Katonda ono. Entalo gibeera misango gya Katonda ku mawanga. Okuzikirizibwa okw'enjawulo Katonda y'akusindika. Bw'etyo Bayibuli bw'egamba. Era Katonda ye Katonda alina okwagala, naye era Katonda ye Katonda ow'obusungu. Naye toliyimirira mu maaso ga katonda alina kwagala . . . Ekyo kye kimu ku bintu ebikosezza ekkanisa ensangi zino.

187 "Waliyo Kitaffe ajjudde okwagala, mazima kino ne bwe nkikola tafaayo." Bw'oba oyagala kukikola, genda mu maaso okikole, kubanga ndaba okwagala kwa Katonda n'okukubaamu tekukuliimu.

188 Twetegeka okulya Okussa ekimu mu kaseera katono ddala okuva kati, era kino njagala kinnyikire buziba ddala mu mmwe. Ensonga eri nti, ekiri mu mutima gwo kijja kuvaamu ebibala, era ebibala ebyo bwe bulamu bwo kye bunaabeera. Ekika ky'ensigo gy'osiga mu ttaka yennyini y'ejja okwezaala. Oyinza otya okusimba ka—kasooli ate n'okungulako a—amaduudu? Toyinza kukikola era nga bw'otasobola kusiga mpeke ya ŋŋaano n'oginogako kikwatandiga. Toyinza kubinogako, kubanga bwombiriri butonde bubiri obw'enjawulo, bulamu bwa bika bibiri eby'enjawulo. E . . . Osobola—osobola okukwata ensigo y'amaduudu n'ensigo y'akatungulu, n'olaba nga zifaanaganira ddala okukamala n'okutuusa nti n'omuntu azitegeera obulungi tasobola kuzaawula. Bwe kiri. Ekintu kyokka ky'olina okukola kwe kuzisimba. Zombi zifaananagana mu butonde, naye ggwe

zisimbe. Zombi zijja kubala ebibala; era emu ejja kubeera maduudu ate akalala katungulu. Ddala bwe kiri.

189 Oyinza okwebuuza nti, “Naye, kiki ekireetera ensigo *eno*, efaananira ddala n’*eno*, okuvaamu ekika ky’obulamu obw’enjawulo?” Lwakuba ekyo ky’ekika ky’obulamu obugirimu.

190 N’omusajja oba omukazi eyeeyita Omukristaayo n’atatambulira mu bulamu bwa ngeri eyo, olw’ekisa kya Katonda, abeera maduudu. Mulibategeerera ku bibala byabwe. Ekintu ekyo ekiri mu mutima gwo, kijja kubala ebibala by’ekyo ky’oli awantu awamu. Bwe buba bubi nga bwe bulimu, bujja kubala ebibala ebiraga nti ekyo ky’oli wansi eno. Bw’onoofa, ojja kugenda bugenzi eyo gy’osangiddwa oli.

Bw’oba oli mulungi era nga oli—oli mulungi kubanga Katonda y’akufudde omulungi, era nga wazaalibwa omulundi ogw’okubiri, oteekwa kukwata kkubo liri, kubanga Obulamu obwo buteekwa okukwatagana n’ekifo kino. Bwe bubala ebibala eby’eno, eyo gy’ogenda. Bwe bubala ebibala ebya waggulu eri, eyo gy’ogenda. Mukiraba?

191 Ky’oli wano. . . Kaakati kino mukifune mu birowoozo byammwe. Ŋŋenda kumaliriza. Naye ky’oli wano kabonero akalaga ky’oli awantu awamu. Bulijjo mwagala okutuuka mu kutuukirira, mmwe Abakristaayo. Waliwo okutuukirira, era okutuukirira okwo tekuli mu bulamu buno. Naye buli musajja na mukazi ali wano nga Mukristaayo, buli muntu yenna ali wano kati nga Mukristaayo yagulumizibwa dda mu Kubeerawo kwa Yesu Kristo. Era olina omubiri omulala. Toligufuna mu kiseera ekijja mu maaso, ogulina eddakiika eno yennyini. Mu ddakiika eno yennyini waliwo omubiri omulala ogukulindiridde singa guno gusaanawo. Ekyo osobola okukirowoozaako. Kyekenneenye okumala akaseera.

192 Mukimanyi nti buli omu ku ffe asobola okuba mu butaggwaawo nga enjuba tennavaayo enkya ku makya? Kati, bw’oba toli Mukristaayo, mukwano gwange, osigazza ekintu kimu kyokka. Ekkubo eryo olina okulikwata. Bwe kiba nti olwo lwe luguudo lw’okutte, oluguudo olwo olina okulukwata. Bw’oba oli mpeke ya kasooli, ojja kubala kasooli. Bw’oba oli kikwatandiga, ojja kubala bulamu bwa kikwatandiga. Kati, bw’oba obadde mmemba wa kkanisa emu awantu awamu etamanyi era etayigiriza, era emala gakuleka n’ojja ku kkanisa n’obeera mmemba w’ekkanisa. . . Oyinza okugamba nti, “Naye, Ow’oluganda Branham, ekkanisa yange eyigiriza nti tuteekwa okukkiriza Yesu Kristo nga Omulokozi waffe. Nti bwe tukkiriza Mukama waffe Yesu Kristo tulokolebwa.” Obulamu bwo bwe buba tebukwatagana n’ekyo, kitegeeza tolokolebwanga.

193 Mukimanyi nti ssetaani akkiriza nti Yesu Kristo Mwana wa Katonda? Mukimanyi nti Yesu mu lujjudde, manya, mukimanyi nti ssetaani yayatula mu lujjudde nti Yesu Mwana wa Katonda?

Naye teyalokolebwa. Era tasobola kulokolebwa; ye ssetaani. N’olwekyo okwatula Yesu okuba Omwana wa Katonda . . .

194 Mukimanyi nti Abafalisaayo abo bonna n’Abasaddukaayo, buli omu yali munyiikivu nnyo era nga bannaddiini nnyo; nga beerowooza, nga bwe baali baagala ennyo Katonda n’emitima gyabwe gyonna; naye ne balemererwa okulaba Oyo ataalina musango, Omwana wa Katonda, okumutegeera nti ye Mwana wa Katonda. Ate nga, baali bannaddiini nnyo (si bwe kiri?), baali banyiikivu nnyo, baali bayivu nnyo, nga bamanyi Bayibuli okusinga bangi ku bakenkufu baffe aba leero. Tebaalina kirala kyonna kya kukola mu biro byabwe okuggyako okubeera awo ne baweereza Mukama.

195 Kaakati, mulabe Ekyawandiikibwa kye kigamba: “Mu nnaku ez’oluvannyuma . . .” Eri mmwe, mikwano gyange Abakristaayo, n’okwagala okw’Obwakatonda, Bayibuli egamba nti, “Mu nnaku ez’oluvannyuma . . . ekiseera kirituuka abantu we baliba abakakanyavu, abeegulumiza, abaagala amasanyu okusinga bwe baagala Katonda.” Kati, ago si mazima?

196 Waliwo omuntu ali mu kizimbe kino eyagenda ku kabaga k’Omwaka Omuggya ekiro kya luli, naye ku mwaliiro ogusembayo wansi baali banywa eby’okunywa ebitatamiiza n’okwesanyusaamu nga bwe beeyagala, bwe bagabula ayisikuliimu, n’ebirala. Amakanisa gabateerawo n’endongo ne bazina amazina. Kyennyininnyini Katonda kye yabagaana okukola, kye bakola mu Linnya lya Kristo. Nga wano waliwo Yesu bye yagamba Ekkanisa okukola, naye babisambajja. Yesu, bino by’ebigambo Bye ebyasembayo, by’Ayagala bikolebwe era endagaano ye eri Ekkanisa: “Mugende mu nsi yonna; mubuulire Enjiri eri ebitonde byonna. Oyo akkiriza n’abatizibwa alirokoka; oyo atakkiriza omusango gulimusinga. (Ob’olyawo omusumba wo bwe yasoma awo we yakoma. Naye bino by’ebyongerezebwa ku ekyo.) Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza; mu Linnya Lyange banaagobanga emizimu; banaayogeranga ennimi empya; bwe banaakwatanga emisota oba ne banywa ekintu ekitta, tekiribakola kabi konna; era bwe banaateekanga emikono ku balwadde, banaawonanga.”

197 Kati, ebyo Yesu bye yabagamba bakole mu Linnya Lye. Ebyo babisambajja ne bagamba tebiriiyo, naye ne bagenda mu maaso ne bakola ebikontana ne bye Yayogera, ne bayigiriza nga bwe byayita, nga bwe bitakyalina mugaso, ne bayigirizaamu njigiriza za ddiini. O, tekyewuunyisa okuba nga tuli mu mbeera mwetuli.

198 Labayo, leka nkubuulire, muganda wange. Ekkanisa bw’etuuka mu kifo ne kituuka okuba, nti buli mmemba agirimu ajjudde Omwoyo Omutukuvu n’amaanyi, okutuusa obubonero obwo lwe bunaagoberera.

199 Ndowooza ku Mutukuvu Pawulo nga ali eyo ku kizinga oluvannyuma lw’eryato kwe yali okumenyeka. Katonda yali

amuwadde okwolesebwa. Bwe baamala ennaku kkumi na nnya n'ebiro. . . Nga tebakyalina ssuubi lyonna lya kulokolebwa. Nga eryato eryo ettono, bwe liyuuga eno n'eri bwe *lityo*, nga bonna bwe bakaaba, okumala ennaku kkumi na nnya n'ebiro. Pawulo yali wamu nabo, n'afuna okwolesebwa. N'avaayo; n'abagamba nti, "Mugume emyoyo, kubanga Malayika wa Katonda, Oyo gwe mpeereza, ayimiridde we ndi n'aŋŋamba nti, 'Totya, kubanga olina okuyimirira mu maaso ga Kayisaali. Era laba, Katonda akuwadde bonna abasaabala naawe.'"

200 Eryato bwe lyamenyekera ddala ne bagoba ku lubalama, ne batuuka ku ttale awaali bannansangwa, Pawulo yali alonderera obuku, nga bw'agenda abuteeka ku muliro. Era aba ali eyo ne wabaawo omusota omunene, ogwamweripppa ku mukono. Kati, omusota ogwo gwamussaamu obusagwa bwagwo mu mukono gwe obwali busobola okumuttirawo mu ddakiika emu. Bannansangwa ne bagamba nti, "Oyo omusajja mulindeeko mulabe bw'atondoka n'agwa eri n'afa, kubanga agenda kufa mu ddakiika emu yokka."

201 Nga asibiddwa enjegere olw'okubuulira Enjiri. Bannaddiini baamusiba enjegere. Amakanisa agasingirayo ddala obulungi ennyo ag'ebiro ebyo ge gaamusiba enjegere. Singa teyali Ssemateeka wa Amerika, ne leero bandikoze ekintu kye kimu. Ddala bwe kiri! Mmwe mulindeeko bwe—lw'anaayongera okumenyebwa.

202 Omusota ne gumweripppa ku mukono. Kaakati mulabeeyo. Pawulo teyatya. Yagamba kimu, "Yesu Kristo yagamba nti, 'Bwe banaakwatanga ku misota, tegiribakola kabi konna.'" N'atambula n'adda erudda, n'agukunkumulira mu muliro; n'akyuka n'agenda alondayo obuku obulala n'abuteeka ku muliro; ne yeekyusa n'abugumya omugongo gwe, n'akyuka n'erudda n'abugumya emikono gye. Bannansangwa ne beebuuza nti, "Lwaki tafa? Omusajja oyo lwaki tafa? Yandibadde yatondose dda n'afa." Naye Pawulo yali ajjudde nnyo Omwoyo Omutukuvu (mulaba kye ntegeeza?), yali ajjudde nnyo Omwoyo Omutukuvu okutuusa nti obusagwa obwo tebwayinza kumukola kabi konna.

203 O, ow'oluganda, mpaayo ekkanisa ejjudde Omwoyo Omutukuvu. Katonda ajja kukola mu mwaka gumu ebyo abaakuguka mu njigiriza z'eddiini bonna bye baalemererwa okukola mu myaka enkumi bbiri. Mmwe mulinde amafuta g'Ekkanisa lwe ganakkira ddala ku batono abo abeesigwa abakyaliwo. Enzigi z'Ab'amawanga bwe zinaamala okuggalwa, o, Katonda ajja kufuka amafuta ku Kkanisa mu kiseera ekyo. "Oyo omugwagwa, leka asigale nga mugwagwa. Oyo omutuukirivu abeere nga akyakola obutuukirivu, n'oyo omutukuvu abeere nga akyali mutukuvu." Era Katonda ajja kufuka amafuta ku Kkanisa n'Amaanyi ga Katonda, era ebintu

bijja kubaawo. Si mu kiseera ekyo kyokka, naye ne kaakano Abikola.

204 Mulabe obubonero n'ebyewuunyo; naye abantu ne bakyuka ne bagamba mbu, "Naye, ebyo ssetaani y'abikola." O, kubanga tebamanyi Byawandiikibwa, newankubadde amaanyi ga Katonda. Era eyo y'ensonga lwaki bakyogera.

205 Mukama abawe omukisa. Munsonyiwe okubalwisaawo ennyo bwenti. Kino sitera kukikola, naye sitera kubeera nnyo nammwe. Kati ebibuuzo bino nnyinza okuba sibyanukudde nga bwe mulowooza n'ebintu bwe bityo. Ku makya byabadde bibiri bye nnayanukudde. Bwe mba ssibyanukudde nga bwe mulowooza, Katonda abawe omukisa. Naye sa—sigenderedde ku—kubanyiiza oba ekintu kyonna. Mbadde nnina kwogera kimu kyokka. . .Bwe mumbuuza ekibuuzo. Nkola kyonna kye mmanyi okufuna eky'okuddamu. Bwe kiri.

206 Kati, ob'olyawo ebintu ebisinga nnandiba nga sirina kya maanyi kye mbimanyiiko. Sirina kye mmanyi kye nsaanye kumanya. Naye kimu kye mmanyi, kiri nti Yesu Kristo atulokola okuva mu kibi, n'atukuuma okuva eri ekibi, n'atuwa amaanyi Ge n'emikisa Gye.

207 Era singa osobola okwetoolooza amaaso n'olaba ebigenda mu maaso mu bantu ababeera basabiddwa. . .Tunula olabe ebigenda mu maaso mu mawanga olabe obubonero n'ebyewuunyo buli wamu. Olengere n'ekiseera ekijja. Nga amatabi gali abiri ge twabuulirako wano ekiseera ekiyise, okuva mu Lubereberye, engeri gye gabala ebibala byago buli wamu wonna. Engeri atakkiriza, nga mukuukuutivu nnyo era munywevu mu ddiini ye, wabula nga alina bubeezi kifaananyi kya kutya Katonda, naye nga yeegaana amaanyi agali mu kumutya. . .Naye Ekkanisa etambula egenda mu maaso.

208 Nsaba Mukama waffe Yesu abawe omukisa, buli omu ku mmwe, kwe kusaba kwange. Era nsaba mubeere balamu mufune omugugu omuzito ennyo, nsaba Katonda abateekeko omugugu bantu mmwe, mulumirirwe nnyo emmeeme ezaabula okutuusa lwe mutaayinze kwebaka oba misana oba kiro. Nsaba Katonda awe Ekkuŋŋaaniro lya Branham lino omukisa ogwo ogw'okubeera n'omugugu ogw'amaanyi. Sifaayo oba temulireekaana, oba temulikola kintu kirala kyonna, naye mubeere n'omugugu ogw'okulumirirwa emmeeme ezaabula okutuusa lwe mutaayinze kwebaka. Ekyo bwe munaakikola, ensi ejja kweyiwa wano okujja okusabirwa. Bwe kiri. Ensi ejja kujja wano okusabirwa. Mujja kumanyibwa buli wamu wonna. Nsaba Katonda atuwe Omwoyo We; atuleetere okubeera abawombeefu, atukkakkanye; era atuwe okujjuzibwa amaanyi ga Katonda okuwonya abalwadde, okugoba emizimu, okukola obubonero obw'amaanyi n'ebyewuunyo; bw'oteeka emikono gyo ku mulwadde n'osaba omukisa ogwo, nga tolinaamu kakunkuna

konna mu mutima gwo, wabula nga okkiriza nti Katonda agenda kukikola. Weetegereze omulwadde oyo, agenda kutandika okutereeera. Lwaki? Emyoyo emibi giba gimuvuddemu. Nga omuti guli ogwali guyimiridde, Yesu gwe yatunuulira, nga teguliiko kibala kyonna. N'agugamba nti, "Okolimiddwa."

Ne bayitawo oluvannyuma lw'essaawa abiri mu nnya. Peetero n'agamba nti, "Mulabeeyo, ebikoola byawotose dda." Waliwo ekyali kibaddewo. Ekigambo kya Katonda kyali kyogeddwa.

209 Yesu yabagamba nti, "Mube n'okukkiriza mu Katonda. Kubanga bw'olyogera eri olusozi luno nti sigulibwa, n'otakibuusabuusa, lujja kukugondera." Beera n'okukkiriza mu Katonda.

Kati, kiseera kya kulya Kussa kimu. Nga bwe tukoteka emitwe gyaffe ŋŋenda kusaba wabeewo ajja ku nnanga.

210 Ayi Mukama, eno y'essaawa, ky'ekiseera ob'olyawo abasajja n'abakazi, ayi Mukama, mu nsi yonna lwe banaakiraba nti akaseera akakulu ak'okusala omusango kasembedde Katonda lw'anaasalira amawanga gonna omusango mu mbeera zaago ez'eby'obufuzi. Buli wamu, buli kifo, na buli muntu ateekwa okusisinkana maaso ku maaso emisango gya Katonda. Naye Kitaffe, tuli basanyufu nnyo okukimanya nti waliwo obuddukiro eri abantu bano a. . . abandyagadde okusimattuka. Era ekkubo eryo liri kuyita mu Yesu Kristo, Oyo e—Ekikolo kya Dawudi. Era tukwebaza, ayi Kitaffe omwagalwa, olw'okumutuma ku nsi, n'Abeera Omukutu gye tusobola okugenda; n'Osobola okutuwolereza, n'oggyawo ebibi byaffe, ne tusobola okusimattuka obusungu n'omusango gwa Katonda. Tukimanyi nti obusungu bugenda kujja. Era, nga Yokaana bwe yagamba mu nnaku ezaayita nti, "Mudduke obusungu obugenda okujja."

211 Kaakano, ayi Mukama, tusaba nti nga bwe tulya Okussa ekimu akawungeezi kano Otutukuze, ayi Mukama, n'Omusaayi Gwo ogutukuza; era leka buli kibi ky'abantu bano kiggyibwewo. Nkusaba n'obwetoowaze era mu bwesimbu, ayi Katonda, Oleme kukkiriza n'omu ku ffe kulya kussa kimu okwo nga tetusaanidde. Kubanga Wagamba mu Kigambo Kyo, nti bwe tukikola, tubeera tuzizza omusango ogw'Omubiri n'Omusaayi gwa Mukama waffe. Kaakano, ayi Kitaffe, abantu bano bafuule abatukuvu era abaawuddwa, tusobole okulya okussa ekimu kuno nga tetuliiko kya kunenyezebwa.

212 Era kati, ayi Katafe, tukitegeera nti Okussa ekimu kwasooka kuweebwa mmanga eri mu Misiri. Era abantu abo abaalya Okussa ekimu, omwana gw'endiga n'omugaati, nga basimbula okuvaayo, baatambula okumala emyaka amakumi ana mu ddungu; naye tewaali n'omu ku bo yali munafu we baaviira mu ddungu. Baalya Okussa ekimu.

213 Ayi Katonda tukwatirwe ekisa. Nsaba abalwadde bonna bawonyezebwe, abaabula bonna balokolebwe. N'abo abawolu era abatafaayo, leka basembere awali omuliro gwa Katonda, babugumye emmeeme zaabwe. Kituwe, ayi Mukama. Kaakano tusonyiwe era otuyambe. Tusabye mu Linnya ly'Omwana Wo.

214 Era nga tukyakotese emitwe gyaffe, simanyi oba (nga ow'oluganda bw'atukubirayo akayimba ku nnanga) simanyi oba waliwo omuntu yenna wano eyandyagadde okuyimusa omukono gwe n'agamba nti, "Ow'oluganda Bill, nzi—nzikiririza ddala . . . ku lw'embeera y'emmeeme yange. Nja—nja—njagala onzijukire. Nja—nja—njagala kufuna Mwoyo Mutukuvu." Osobola okuyimusa omukono gwo? Nga ogamba nti, "Nzijukira." Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, naawe, naawe, naawe, naawe. Katonda akuwe omukisa, naawe. Katonda akuwe omukisa, nnyabo, naawe, naawe, naawe, Ow'oluganda. Bannange, emikono giri buli wamu. Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, Mwannyinaze. Naawe, Mwannyinaze, omukono gwo ngulaba, nti oyagala kufuna Mwoyo Mutukuvu. Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda.

215 Temwandyagadde kweyongera kumutambulira ku lusegere. Mujjukire ab'emikwano, tusemberedde Okujja kwa Mukama waffe. Kati, Katonda akakasa Ebigambo Bye, buli wamu waliwo obubonero n'ebyewuunyo.

216 Kati, amazima Katonda tayinza kundeka kugenda ne nfukibwako amafuta n'Omwoyo Omutukuvu okukola obubonero n'ebyewuunyo, ne nkomawo ne mbuulira Ekigambo, n'ebirala, era n'akiwa omukisa buli wamu, ne nkola n'ebintu bino, okuggyako nga waliwo okutegeera okw'enjawulo okw'Ekigambo Kye kwe Yampa. Teyandikiganyizza. N'olwekyo kye njogerako nkimanyi.

217 Bw'oba tolina Yesu Kristo, nga tolina Mwoyo Mutukuvu, nsaba Katonda aleme kukuganya kuwummula okutuusa nga ofunye Omwoyo Omutukuvu. Tolimbwalimbwa. Togeza okutwala okwatula kuno okw'okutuusa omukolo okw'amaaso amakalu n'ogamba nti wafuna Omwoyo Omutukuvu. Lw'okkiriza si lw'ofuna Omwoyo Omutukuvu. Tokkiriza kufuna Mwoyo Mutukuvu. Omwoyo Omutukuvu kirabo kya Katonda. Pawulo yababuuza nti, "Mwali mufunye Omwoyo Omutukuvu kasookedde mukkiriza?" N'olwekyo kikkirize. Era nsaba Katonda amukuwe.

218 Kaakano, ayi Kitaffe, eri abo abayimusizza emikono gyabwe, nkusaba Obawe Omwoyo Omutukuvu Yennyini mu kaseera kano kennyini. Nsaba Ajje ayingire mu buziba ddala mu bano bonna, abawera nga kkumi oba kkumi na bataano abayimusizza emikono. Nkusaba Obawe buli omu ku bo okubatizibwa kw'Omuntu Wo oyo. Nsaba bajjuzibwe Omwoyo Omutukuvu

mu ngeri ey'ekitalo, okutuusa obubonero n'ebyewuunyo lwe binaabaawo mu bulamu bwabwe, balabe obubonero obwa buli ngeri. Nga Yesu bwe yagamba nti, "Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Kituwe, ayi Kitaffe. Tusaba n'obwetoowaze mu Linnya Ly'Omwana Wo, Yesu Kristo. Amiina. (Ow'oluganda Neville.)

54-0103E Ebibuuzo n'Okuddibwamu Kwabyo #2
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org